



Gender Transformation & Empowerment

EDDOBOOZI LYE, OBUYINZA BWO



EKISUUBIZO KY'ABAKYALA KU MUTENDERA GWE GGWANGA (2021-2026)

WOMEN'S DEMOCRACY NETWORK
Empowering Women to Lead
Uganda Chapter

Acfode
Breaking Through, Building Up and Binding



2020

EDDOBOOZI LYE,
OBUYINZA BWO

**EKISUUBIZO KY'ABAKYALA KU
MUTENDERA GWE GGWANGA
(2021-2026)**



Okusiima kugenda eri abakyala ba Uganda n'abo bonna abeebuuzibwako ne batuwa endowooza zaabwe okukola ekisuubizo ky'abakyala ekya 2021/2026. UWONET yebaza bamemba b'ekibiina kya 'Womens democracy' omuli: Action for Development (ACFODE), Forum for Women in Democracy (FOWODE) ne Women's Democracy Network-Uganda Chapter (WDN-U) abaakuba enkungaana mu bitundu bya Uganda 16 ebyenjawulo nga banoonya amawulire okuva mu bantu abenjawulo abakwatibwako ensonga eno okukola ekisuubizo ky'abakyala 2021-2026. Okwebaza okwenjawulo kugenda eri Mukyala Hope Rita Aciro Lakor Nnankulu wekitongole kya UWONET ne Mukyala Perry Aritua Nnankulu w'ekitongole kya WDN-U okwekenneenya n'okutereeza ekiwandiiko kino. Ekitongole kya UWONET kyebaza mukyala. Julian Naluwoza omulungamya wa puloogulaamu z'ekitongole kya 'Women's Leadership and Democratic Governance Facility olw'okukwasaganya bonna abeenyigidde mu mulimo guno. UWONET batuusa okusiima kwabwe eri mukyala Immaculate Yossa Daisy olw'omulimo gweyakola okugattagattaa lipoota okuva mu bitundu bya Uganda 16 ebyenjawulo okusobola okufulumya ekiwandiiko kino eky'ekisuubizo ky'abakyala 2021-2026.

Katusembyeeyo okwebaza Democratic Governance Facility olwenkolagana enungi saako n'obuwagizi bw'ensimbi.

ENDAGIRIRO

OKWEBAZA - - - - -	2
OKWANJULA - - - - -	4
EMBEERA EKISUUBIZO KY'ABAKYALA 2021 – 2026	
GYEKYABAGIDDWAAMU - - - - -	6
Embeera z'abantu ebyenfuna n'ebufuzi- - - - -	6
Ekirwadde kya Ssenyiga omukambwe (COVID 19) - - - - -	9
1.0 EKIFAANANYI KY'OMULAMWA MU BUFUNZE- - - - -	11
2.0 AMAKUBO AGAKOZESEDDWA - - - - -	16
3.0 ENSONGA ENKULU EZEESIGAMIZIDDWAako OKUSOBOLA OKUSITULA EDDEMBE LY'ABAKYALA N'ABAANA ABOBUWALA MU BBANGA ELYEMYAKA ETAANO (2021-2026)- - - - -	17
3.1 OBULAMU NEMBEERA Y'ABAKYALAG - - - - -	18
Ekikula, nobulamu bw'obuvubuka - - - - -	23
3.2 ABAKYALA N'ABAWALA OKUFUNA OKUBANGULWA OKWOMUTINDO ATE OKWEKYENKANYI - - - - -	28
3.3. ABAKYALA, EMIRIMO N'EKITONGOLE KY'EBYENFUNA - - -	36
3.4 ABAKYALA, OBUKULEMBEZE N'OKUSALAWO - - - - -	41
3.5 EDDEMBE LY'ABAKYALA KU TTAKA N'EBYOBUGAGGA - - -	48
Ensonga ezigwa mu buli nsonda ezisobola okutambuza emiramwa etaano egyasoosowazibwa. - - - - -	52
Okujuliza - - - - -	54



OKWANJULA

Ekisuubizo ky'abakyala ku mutendera gw'eggwanga 2021-2026 kikulembeza ebyetaago by'abakyala nga beesigama ku bukukunavu bw'ensonga ezikwata ku kikula ky'abantu ezongedde okulemesa abakyala ba Uganda okufuna ekitiibwa n'obwenkanya mu buli mbeera y'obulamu bwabwe nga bwekiri ku basajja.

Ekisuubizo ky'abakyala kigenderera okunnyonyola abakyala ba Uganda kyebaagala ebibiina by'ebyobufuzi, abakulembeze awamu ne gavumenti ya Uganda bisoosowaze okuva 2021-2026. N'olwekyo ekiwandiiko kino kyabyabufuzi ekirambika ensonga ezikutte abakyala omubabiro mu Uganda ko n'obwetaavu bwabwe okumanya enkola n'obuvunaanyizibwa bwebibiina by'ebyobufuzi n'abakulembeze abalonde nga abavunaanyizibwa kunsonga z'eggwanga nabyonna ebiririmu. Ekibiina kyebyobufuzi ekinaawangula akalulu ka 2021 kijja kutwala obuvunaanyizibwa okwanganga obwetaavu buno. Ekibiina ky'ebyobufuzi ekinaabeera ku ludda oluvuganya kisuubirwa okuteekawo amateeka amalala ageekuusa ku galiwo ko n'ago agagezaako okukkaatiriza eddembe ly'abakyala n'obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula mu bbanga ery'emyaka etaano okuva 2021- 2026. N'olwekyo ebibiina byebyobufuzi birina okuteekawo ebiruubirwa ku nsonga eziri mu kisuubizo ky'abakyala okusobola okwanguya okulondoola engeri obuvunaanyizibwa obukulu n'ebyetaago by'abakyala gyebiyinza okutuukibwako nga bwabirambikiddwa mu kiwandiiko kino.

Wadde nga ensonga zirabika nga tezaawukana ku kiwandiiko ky'ebiruubirwa bya 2016-2021, obutali bwenkanya nga bwesigamiziddwa ku kikula ky'abantu bugenda bukyukakyuka mu mbeera ez'enjawulo. Nga okunoonyereza kukolebwa, okusoomoozebwa kw'eddembe lyabakyala okwesigamiziddwa ku kikula kwa mirundi mingi kwayogerwako mu bitundu byona e kkuminomukaaga saako disitulikiti 45 okunoonyereza kuno gyekwakolebwa. Ekisuubizo kino kintabuli kyebyo ebikulu ebisonze ku bwetaavu obuweebwayo eri ebibiina by'ebyobufuzi, gavumenti n'abo abalondebwa.

Ebitongole ebikola ne UWONET, ko n'ebibiina by'abakyala ebineneko, bijja kutambuzza Ekisuubizo ky'abakyala ku mitendera egy'enjawulo okusobola okubeera n'okukkiriziganya kumiramwa emikulu egikkaatiriza ebyetaago

by'abakyala ebikulu eri gavumenti n'abakulembeze abalonde, okukola amateeka, okukola okusalawo okutuufu, ko n'okulaga abakyala ebikoleddwa mu byobufuzi ku mutendera gw'okuteekesamu nkola. Enkola ey'okulondoola ebituukiddwaako ejja kuteekebwawo okusobozesa okulondoolanga obweyamo ku lw'amateeka agabuuliddwa abantu mu lugendo lw'okutereeza omwenkanonkano n'obwenkanya, obwesigamiziddwa kukikula n'enkyukakyuka.

Tulina okukimanya nti, olwokuba nga ekisuubizo kino kyabagibwa mu kaseera akakazigizigi ak'ekirwadde kya Ssenyiga omukambwe, ekikosezza embeera z'abantu, ebyenfuna saako eby'obufuzi ebyongedde okuteeka akazito kubuweereza obusangiddwa nga bunafu, amaanyi gajja kwongerwa mu kulondoola, mu kuteekateeka saako okutekesa mu nkola emitendera egitumbula omwenkanonkano mu kikula ky'abantu. Mu budde bw'okubaga Ekisuubizo ky'abakyala 2021-2026, olw'ekirwadde kya Ssenyiga omukambwe, waabalukawo obwetaavu obwamangu, obutyabaga, n'ebirina okusoosowazibwa ebipya okusobola okutuuka ku bwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula anti obuwanguzi obwali bwatuukibwako bwali buvuddewo nga obu nkenke obwengeri endala empya bwebuzzeewo era nga bukosa abakyala ekiyitiridde. Okugeza, okusereba mu byenfuna y'abakyala anti nga bye baasuubira okutuukako byagootaanyizibwa. Abakyala basinga kukozezebwa mu bitongole ne mu makolero ebisuubirwa okusereba ennyo mu byenfuna olwekirwadde kya Ssenyiga omukambwe.

Naye, okusalawo okunaakolebwa Gavumenti, abakulembeze abalonde, n'abo abalala abakwatibwako mu byenkulaakulana, eddembe ly'abaana abawala ko n'abakyala lyelirina okuteekebwawo essira mu by'enkulaakulana okusobola okubayamba okuvvuunuka enkovu ezirekebawo ekirwadde kya Ssenyiga omukambwe. Okusobola okutambulira ku mulamwa, UWONET n'ebibiina by'abakyala bajja kukunga, okwenyigiramu, n'okuteekawo enkyukakyuka eyeetoolorera ku kisuubizo ky'abakyala mu myaka etaano, nga banja ensonga z'abakyala n'ekikula ky'abantu mu Uganda.

Eddoboozi lye, Obuyinza bwo

Rita Hope Aciro-Lakor
Nnankulu w'ekitongole

EMBEERA EKISUUBIZO KY'ABAKYALA 2021 – 2026 GYEKYABAGIDDWAAMU



Embeera z'abantu ebyenfuna n'ebuyobufuzi

Omuwendo gwa Bannayuganda guteeberezebwa okuba abantu **46,200,987¹**. Okusenziira ku kitongole ekivunaanyizibwa ku bibalo n'emiwendo mu², **abantu abasoba mu bitundu 51 ku buli kikumi bakazi. Abantu abaluubirira okuweza bisatu bya kuna, - abantu 72 ku buli kikumi ku bantu abakulu abali mu ggwanga babeera mu bitundu bya byalo era abantu nga banaku bantu kkumi abakulu(45%) baliwakatiwemyaka 18-30.** Okutwalira awamu abantu abakulu 77 ku buli kikumi baabugumizibwako mu ssomero. Ekitundutundu kyabakazi abatagendangako mu ssomero kikubisa mu ky'abasajja emirundi ebiri. Ekitundutundu ky'abantu abakulu abasuumuuseeko okutuuka ku ddaala erya Siniya n'okweyongera waggulu mu bibuga bali ebitundu 47 ku kikumi ate bakubisaamu emirundi egisoba mu ebiri ku abo ababeera mu byalo kubanga bo bali ebitundu 20 ku buli kikumi³.

Embeera y'ebuyobulamu mu Uganda mulimu;okuba nti amalwaliro agalina ebifo ebiteekebwamu abayi ennyo abeetaaga ebyuma okuyambibwa okussa (intensive care Units) tegawera kikumi ate nga gabeera mu bibuga, okusoomozebwa kwa bakozi saako ebikozesebwa mu malwaliro okuba ebitono.Okusenziira ku alipoota ey'ebuyobulamu ey'omwaka 2018/19, Uganda erina abasawo abatendeke 1.87 kubuli bantu 1000, omuwendo oguli wansi w'ogwo eggwanga lyeguluubirira ogw'abasawo abatendeke 2.28.kubuli bantu 1000.Mu mbeera eno, omusawo omu akola ku bantu

1 Worldometer elaboration of the latest United Nations data

2 National Governance, peace and security survey report (2017),

3 Ibid 2

2,967, ate dokita n'akola ku bantu 23,700. Okwongereza kwebyo, mu Uganda mulimu ebitanda byabalwadde abayi ennyo abeetaaga abyuma okuyambibwa okussa 55 ebikola obulungi. Ekitegeeza nti tulina ebitanda 1.3 ku buli kakadde k'abantu abali mu Uganda⁴

Kyenkana kimu kya kubiri ekyamaka ga Banna Uganda bali mu bwavu obwa buli ngeri, ate nga bakubisa mwabo abalina obwavu bwa ssente emirundi egisukka mu ebiri ku bitundu 21 ku buli kikumi (21%). Obulwadde bwa Ssenyiga omukambwe busuubirwa okwongerako abantu obukadde bubiri n'emitwalo nkaaga kwabo abali mu bwavu, nga okwo kwogasse enyingiza ya Uganda okusalwako obuwumbi bwa Uganda 288.3 mu mwaka gw'ebyensimbi 2019/20 ate era mu mwaka gwebyensimbi 2020/21 obuwumbi bwensimbi za Uganda 350 bujja kusalibwa nga kiva ku kusereba mu mirimo egikolebwa egivaamu ssente. Ekitongole ekiwoza k'yemisolo mu Uganda kyateebereza okufiirwa silingi za Uganda obuwumbi 116.26 ku musolo gw'ebyamaguzi ebiyingira n'ebifuluma mu ggwanga. Wetunaatuukira mu mwezi gwa Ssebaaseka 2020, nga kivudde ku katyabaga kano kokka, ekijja okwongerera ennyingiza ya ssente okukka obuwumbi bwa silingi ya Uganda 513.26 omwezi gwa Ssebaaseka 2020 wegunaggweerako. Obulwadde bwa Ssenyiga omukambwe era bwatadde akazito ku ngeri gavumenti gyenateekerateekera eggwanga nengeri gyenaakuumamu ebyenfuna mu ggwanga nga kino kivudde ku kusaasaanya kwensimbi okweyongedde nga gavumenti eyanukula omulanga gw'ekitongole kyebbyobulamu n'okuyamba kwabo abakoseddwa ekirwadde kinos⁵.

Abakyala okukozesa tekinologiya, okwetusaako n'okukozesa empuliziganya eyomutimbagano kusoomezibwa kwa maanyi nga waliwo emiziziko egiwerako wadde nga etteeka elibakkiriza weeriri. Nga ekyokubeera nga okukozesa empuliziganyae ya yintaneti ya buseere, n'obutamanya nkozesa, obutaba na magezi ko n'obukugu mu bakyala kyayongerera okuggumizibwa ekitundu ky'abakazi abataasoma okuba nga kinene okusinga abasajja. Enkozesa eya Tekinologiya ereese

4 Atumanya et al, 2020

5 UNDP, 2020

ebizibu ebipya nobutyabaga eri abakyala n'abaana abobuwala nga beenyigira mu misango gyokutyobola yintaneeti nga okuweebuulwa ekyongedde okukosa obulamu bwabwe obwomubiri, okukakibwa omukwano, okuwambibwa n'okuttibwa.

Ku bikwata ku nkyukakyuka y'embeera y'obudde, abakyala beebavunaanyizibwa ku mirimo egikolwa nga beeyambisa amazzi ebitundu ebisukka mu 70 ku buli kikumi era ebitundu ebisoba mu 70 ku buli kikumi beenyigira mu by'obulimi ate nga tebeenyigira mu kuzimba mateeka ga mbeera y'obudde. Ekibiina kya mawanga amagatte kiteebereza nti abantu ebitundu 70 ku buli kikumi ku bantu obuwumbi 1.3 abali mu bwavu mu nsi yonna bakyala ate ng'abakyala n'abaana bakubisaamu emirundi 14 okubeera mu katyabaga k'okufa singa wabaawo enjege egudde.⁶

Enkola ey'ebibiina by'ebuyobufuzi Uganda kwetambulira yeeyongerera okugezesebwa olwemiziziko egyengeri ezenjawulo ejiremesa enkola eno okutambula obulungi. Okusinziira ku kunoonyereza okwakolebwa ekitongole ky'ebibalo n'emiwendo okukwata ku bufuzi n'obutebenkevu bw'eggwanga (2017) abantu okuva ku myaka kkumi na munaana okudda waggulau ebitundu 54 ku buli kikukumi balina endowooza egamba nti bannabyabufuzi tebatera kufa ku byetaago bya bantu baabwe era kubuli bantu kkumi, abantu mukaaga bagamba ebisaliddwawo gavumenti bitono nnyo ebikomezebwawo eri bantu ba wansi okubibabuulira. Kyenkana abantu basatu ku bantu kkumi (29%) balina endowooza egamba nti gavumenti efa ku ndowooza z'ebibiina ebigivuganya ate abantu abasoba mu kimu kya kubiri (54%) balaga nti gavumenti efa ku birowoozo by'ebitongole byobwannakyewa n'abantu ssekinnoomu oba ebitongole ebitali bya gavumenti.

⁶ The European Union, 2017

Ekirwadde kya Ssenyiga omukambwe (COVID 19)

Mu budde bw'okubaga Ekisuubizo ky'abakyala 2021-2026, olw'ekirwadde kya Ssenyiga omukambwe, waabalukawo obwetaavu obwamangu, obutyabaga, n'ebirina okusoosowazibwa ebipya okusobola okutuuka ku bwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula anti obuwanguzi obwali bwatuukibwako bwali buvuddewo nga obu nkenke obwengeri endala empya bwebuzzeewo era nga bukosa abakyala ekiyitiridde. Okugeza, okusereba mu byenfuna y'abakyala anti nga bye baasuubira okutuukako byagootaanyizibwa. Abakyala basinga kukozezebwa mu bitongole ne mu makolero ebisuubirwa okusereba ennyo mu byenfuna olwekirwadde kya Ssenyiga omukambwe. Mu kitongole ky'ebyobulimi, abakyala beenyigira mu ebitundu 60-70 ku buli kikumi, Gavumenti bwe yateekawo omuggalo gw'eggwanga lyonna okuva nga 23 Mugulansigo – 26 Muzigo 2020 nga yengeri y'okulwanyisa okusaasaanya ekirwadde kya ssenyiga omukambwe, kyakosa nnyo abakyala nga bazibuwaliirwa okufuna ebikozesebwa mu kulima n'obuweereza obwekuusa ku bulimi. Ebisale by'okutambuzza ebikozesebwa mu bulimi n'ebirime byeyongedde okukaluba naddala omulimi owaawansi mu kutambuzza ebirime byabwe ebitonotono byebaba bakungudde. Abakyala we bajja akasente mu busuubuzi bwebirime waakosebwa olwokuteebereza ekireetedde obwetaavu bwebirime ku katale ko mu Uganda wamu ne nsi endala okukka.

Emirimo gy'awaka emirala egitasasulwa nga egy'okulabirira abaana n'okubasomeseza ewaka girekeddwa bakyala. Waliwo ebyaddirira oluvannyuma lwokuba lukawo kwekirwadde kino ebiteekuusa ku byanfuna nga bisonze ku bakyala abaali bafunye obutabanguko obwekuusa ku kikula eri abakazi n'abaana aboobuwala. Okusinzira ku biwandiiko okuva ku police ya Uganda, ensonga z'okukabasanya abaana abatanneetuuka, zeeyongedde mu bbanga ery'emyaka esatu emabega; 16,862 mu mwaka 2017, 17,521 mu mwaka 2018, 15,683 mu mwaka 2019 ate mu myezi omukaaga egy'omuggalo, abaana abawala abali wansi w'emyaka kkuminamunaana 6,805 be balina ensonga ku

police ate abalenzi bali 83⁷. Mu disitulikiti ezinokoddwaayo nga Kitgum, Ngora, Kyegegwa, Kasese ne Lyantonde, emisango gy'okufunisa abawala abatiini abavubuka embuto gye yongedde okuloopebwa nga emisango egisoba mu 2,372 egya batiini abafunye embuto gyaloopeddwa mu budde bwomuggalo okuva nga 31 Mugulansigo 2020 okutuuka nga 26 Muzigo 2020. Bino nga byegattiddwaako emize nga okufumbiza abaana abatanneetuuka, okukoze sa abaana abato, n'obutabanguko obwekuusa ku kikula ky'abantu bikoze kya maanyi okuleetera abaana okuv mu masomero⁸. Obutali bwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula obusimbye amakanda nga bukweekeddwa mu bantu bwayanikiddwa ekyaleetedde okwongera akatyabaga kuluwonko oluli wakati wabasajja n'abakazi mu Uganda.

7 New Vision, 2020

8 Ibid1

1.0 EKIFAANANYI KY'OMULAMWA MU BUFUNZE

Gavumenti ya Uganda etaddewo enkola ezaamateeka omuli pologulaamu ez'okutumbula n'okutuukiriza eddembe ly'abakyala n'omwana owobuwala mu Uganda. Etteeka ekkulu mu gano ye ssemateeka wa Uganda ow'omwaka 1995 akkaatirizibwa amateeka amalala okutumbula n'okukuuma eddembe ly'abakyala nga muno mwemuli; Etteeka elikwata ku butabanguko mu maka 2010, etteeka erikugira okusala abakyala ebitundu ebyekyama 2010, etteeka ly'ettaka, 1998, etteeka lya Gavumenti z'ebitundu 1997. Etteeka erikwata ku nfuna ne nsaasaanya y'ensimbi mu Uganda 2015, lyetaagisa minisita webyensimbi okuwaayo embalirira y'ebyensimbi nga ekwatagana n'ebyetaago by'obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula. Okwongera kwekyo, waliwo amateeka gavumenti ya Uganda geyayisa okusobola okutumbula eddembe ly'abakyala nga mwemuli etteeka lyekikula ky'abantu 2007 n'entereeza yaalyo ko n'etteeka ly'ettaka 2013. Okutambulira mu layini n'etteeka lyekikula kyabantu, 2007, ebitongole bya minisitule ezenjawulo byataddewo ebirina okugobererwa okusobola okuteeka ensonga zekikula ky'abantu mu buli kimu, ko neebyo byebalina okukola mu nteekateeka zaabwe ebigendererwa okuleetawo obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula, n'okutumbula abakyala. Ekirala ekyokwetegereza kwe kubeerawo kw'akakiiko akavunaanyizibwa ku mikisa egyekyenkanyi akazuukufu.

Ku mutendera gwenzi yonna, mu mwaka gwa 2015, amawanga 193 ageegattira mu kibiina kyamawanga amagatte baasalawo okugoberera emiramwa 17 egyenkulaakulana eyoobuwangaazi. Omulamwa namba 5 gutunuulira obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula ky'abantu, era guluubirira okufuna obwenkanya nokutumbula abakyala n'omwana owobuwala buli wamu wetunaatuukira mu mwaka 2030⁹. Endagaano eno eyakolebwa gavumenti ya Uganda nyongereza ku ndaagaano endala

9 McKinsey Global Institute, 2020

ezaakolebwa ku mutendera gwenzi yonna, n'ogwebitundu okugeza ebigendererwa by'ekyaasa ebyenkulaakulana, ekiwandiiko kya Beijing, etteeka elijawo buli kika kya kutyoboolebwa eri abakyala, endagaano ya Africa ku ddembe ly'obuntu, Maputo protocol n'amateeka amalala mangi.

Nga emberera y'amateeka agatwala mu maaso eddembe lyabakyala nomwana omuwala weeli, naye embeera yeddembe ly'abakyala mu mbeera y'ebyenfuna, embeera z'abantu, eby'obuwangwa n'embeera y'ebyobufuzi esigala nga yennyamiza mu Uganda olwemiwaatwa egikyalemeddewo nga gyesigamiziddwa ku kikula. nOkubalukawo kwekirwadde kya ssenyiga omukambwe kwongedde okukosa obwenkanya obwesigamizibwa ku kikula nga abakyala nabawala beebasinze okukosebwa.

Ekisuubizo ky'abakyala kigendererwa okunnyonyola biki abakyala ba Uganda byebaagala ebibiina byobufuzi ne gavumenti esoosowaze mu kisanja kyomwaka 2021-2026. Ekiwandiiko kino kyabyabufuzi ekiraga ebyeetaago byabakyala mu Uganda nokusaba biki ebikoleddwa ebibiina byebyobufuzi, nabakulembeze kuba be bavunaanyizibwa ku nsonga zeggwanga era be bakuumi beebyobugagga bweggwanga.

Ekibiina kyebyobufuzi ekinaawangula mu kalulu ka 2021 era banaakola gavumenti kitwala obuvunaanyizibwa okukola ku bwetaavu obuli mu kiwandiiko kino. Ebibiina ebinaabeeraa ku ludda oluvuganya gavumenti bisuubirwa okuteekawo amateeka amalala ageekuusa ku galiwo agakwata ku ddembe lyabakyala nokwekenneenya oba eddembe lyabakyala nobwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula nga bugobererwa mu bbanga llyekisanja kyemyaka etaano okuva 2021- 2026. Ekisuubizo kyabakyala kitwala mu maaso obwetaavu nga bwesigamiziddwa ku nsonga zekikula kyabantu ezongera okulemesa abakyala ba Uganda okufuna ekitiibwa ekijjvu nobwenkanya nabasajja mu buli kanyomero ka bulamu bwabwe.

Okwekeneenyawa National Resistance Movement (ekibiina ky'ebyobufuzi ekiri mu buyinza) n'ebibiina by'ebyobufuzi ebirina ababaka mu ssetteeserezo wa Uganda webituuse mu kuteeka mu nkola ebiri mu kisuubizo kya 2016-2021, kulaga nti ebituukiddwako bitono. Wabula, ebibiina byobufuzi ebisinga byasigala byesamba ensonga yokufa ku bwetaavu bwabakyala. Ku byatuukibwako ekisuubizo ky'abakyala 2016-2021, gavumenti eri mu buyinza eya NRM yakola ekiwandiiko ekitema empenda ezikwatagana ne ensonga zeekikula ku byettaka okusobola okwongeza eddembe naddala eryabakyala nga bateekesa mu nkola etteeka ly'ettaka erya 2013.

Mu mwaka gwa 2016 gavumenti yayisa etteeka erikwasaganya obutabanguko obwesigamiziddwa ku kikula ky'abantunga liwa obukuumi naddala eri abakyala obutafuna butabanguko. Okwongera amaanyi mu kitongole kyebyobulimi, nga y'engeri emu ey'okwongera ku nfuna y'abalimi, n'okubafunira emirimo, amakolero agamu nga ekkolero l'yebibala e Soroti, amakolero g'amajaani e Kisoro ne Kabaale gaatandikibwawo.

Emiwaatwa egyasangibwamu, ebitongole ebimu okugeza enkola ya bonna bagaggawale yali teyawula bakazi na basajja kumanya muwendo gwabakazi na basajja abaganyuddwa mu puloogulaamu eyo. Abakyala okukiika mu lukiiko lweggwanga olukulu tebeeyongerako baasigalawo ku 35% ate ku kakiiko akafuzi baasigala ku 33%-35%. Gavumenti tennateeka mukono ku mateeka amakulu okugeza; etteeka lya Africa erikwata ku bufuzi obwesigamiziddwa ku maanyi gabantu (African Charter on Democracy), okulonda nebyobufuzi obilagira okukiikiwa 50:50 abasajja nabakazi mu lukiiko lweggwanga olukulu.

Amateeka amakulu agandiwadde abakyala obukuumi ku ddembe mu byenfuna ne mbeera zaabwe ezabulijjo tegaayisibwa oba okuteekesebwa mu nkola nga mu gano mwemuli; etteeka lyobufumbo (2009); era baalemwa okuyisa ennoongoosereza eyakolebwa ku tteeka lyokusika ate nokulemererwa okussa etteeka lyettaka (2013) mu nkola. Embalirira yekitongole kyebyobulamu eri ku 8% ate eyebbyobulimi eri ku 3.2% obuteeyongerako wadde nga ate ekirangiriro kya Abuja kilagira gavumenti akuwa ekitongole kyebyobulamu waakiri 10% ate ekitongole kyebyobulimi

waakiri 15% ekiremesezza abakyala okufuna amaanyi mu kutuukiriza ebiruubirirwa byabwe ebyokwekulaakulanya okwa buli ngeri okugeza ebiruubirirwa ebyenkulaakulana eyomuggundu.

Mu kisanja kya 2021-2026 ekisuubizo kyabakyala kyongerwa okuzimbira ku bisuubizo ebizze bikolebwa okuva mu mwaka gwa 1996. Ekiwandikiro kino kibagiddwa nga tuyita mu kunoonyereza okwakolebwa akabinja kabakyala akakwasaganya abantu okwenyigira mu byobufuzi (Women's Democracy Group) nga muno mwemuli ebitongole nga; Action for Development (ACFODE), Forum for Women in Democracy (FOWODE), Women's Democracy Network- Uganda Chapter (WDN-U) ne Uganda Women's Network (UWONET) nga kyekitongole ekikwasaganya ensonga eno.

Okubuuliriza okwakolebwa nga tukola ekisuubizo kyabakyala 2021- 2026 kwakolebwa mu disitulikiti 45 nga tuzijja mu disitulikiti 146 eza Uganda. Okunoonyereza ku mutendera gweggwanga kwakolebwa mu kampala nga abantu abenjawulo beenyigiramu , abamawulire, abakulembeze, bannabyabufuzi, mu gavumenti ezebitundu, abalwanirizi beddembe lyabakyala, abavubuka, ebitongole byeddiini, ebitongole bya ba neekolera gyange, ebitongole byebyobuwangwa, abebibiina byebyobufuzi, nabalala bangi. Abantu abawerera ddala 705 bebeebuuzibwako nga muno mulimu abakazi 472 abasajja 205 ate abataayagala kwatuukiriza kikula kyabwe baali 28)

Mu kunoonyereza kwonna, ensonga ezaasinga okuleetebwa abakyala era nga beetaaga wabeewo ekikolebwa nokulaga ekyakolebwa mu mwaka gwa 2016 ye embeera ya bakyala eyoobulamu, eddembe lyobwebange ku byettaka nebyobugagga, ebyenjigiriza, okutumbulwa nokwenyigira mu kusalawo zikyali nsonga za muggundu ezireeseewo okubonaabona. Ebizibu ebyo okuba nga bikyalemeddewo kyenkana bisonze ku miziziko egyalemera mu mbeera zabantu, n'ebiyobuwangwa abakyala gye basanga nga baagala okufuuna obwenkaya n'omwenkanonkano olwensonga yekikula kyabantu. Tulina okukimanya nti enkyukakyuka yensonga zookutumbula eddembe nembeera zabakyala mu Uganda

ezongedde okukyukakyuka okusinziirz ku nsonga ezenjawulo, nga mu bbanga eritali lyawala kwegattibwako okubalukawo kwekirwadde kya ssenyiga omukambwe. Ensonga ennene ezaanokolwayo abakyala ba Uganda nga emiziziko mu nkulaakulana yabwe zifaanagana neezo ezaanokolwayo mu mwaka gwa 2016, waliwo enkyukakyuuka mu mbeera nolwensonga eyo, obusukkulumu bwensonga ezo tebusigala bwebumu. Ekiwandiiiko kino nolwekyo kiteeka essira ku bukulu bwensonga ku buli kyogerwako.

2.0 AMAKUBO AGAKOZESEDDWA

Okufuna endowooza z'abantu ab'enjawulo abakwatibwako ensonga zino.

Amakubo agaakozeseddwa mu kuzimba ekisuubizo kyabakyaala mu disitulikiti za Uganda 45

AMAKUBO AGAKOZESEDDWA 1:
Okwekenneeya ebiwandiiko ebikulu ebikwata ku nsonga eno, 2.

AMAKUBO AGAKOZESEDDWA 2:
Okukuba enkiiko

Okwebuuzza ku mutendera gwe ggwanga kwakolebwa mu kampala. Abantu abakwatibwako ensonga zino abaabuuzibwa mwalimu; abantu abaakiikirira emikutu gye bempuliziganya egejajawulo, abakulembeze ne bannabyabufuzi mu gavumenti zeebitundu, abaakiikirira ebitongole byobwannakyewa, abalwanirizi beddembe lyabakyaala, abavubuka, ebitongole byeddiini, ebitongole bya ba neekolera gyange, ebitongole byebyobuwangwa, abebibiina byebyobufuzi, nabalala bangi.

3.0 ENSONGA ENKULU EZEESIGAMIZIDDWAAKO OKUSOBOLA OKUSITULA EDDEMBE LY'ABAKYALA N'ABAANA ABOBUWALA MU BBANGA ELYEMYAKA ETAANO (2021-2026)





Obulamu bw'abakyala n'abaana ab'obuwala bwongera ku kutuukiriza ekiruubirirwa namba ssatu ekyenkulaakulana ey'omuggundu. Ekigamba nti; okufuba okulaba nga abantu baba nobulamu nokutumbula embeera annungi eya bantu bonna aba buli mwaka; ebigendererwa ebikwatira ddala ku bulamu bw'abakyala n'abawala mulimu;

- *Wetunaatuukira mu mwaka 2030, omuwendo gwabakyala abafiira mu ssanya okuba nga gukendedde ku mutendera gwensi yonna nga guli wansi wabakyala 70 ku buli baana 100,000 abazaalibwa. Enteekateeka ya gavumenti eyokwekulaakulanya eyokusatu eyemyaka etaano 2020/2021-2024/2025 (NDPIII) eruubirira okutuuka kubakyala 299 ku buli baana 100, 000 abazaalibwa.*

Mwaka
2030

70:100000



- *Wetunaatuukira mu mwaka 2030, abantu bonna okuba nga bafuna obuweereza obukwatagana nebikolwa by'okwegatta n'okuzaala nga mwemuli enteekateeka y'amaka, obubaka obwenjawulo okusomesebwa ko n'okugatta ensonga ezikwatagana nebikolwa ebyokwegatta ko n'okuzaala mu nteekateeka ne puloogulaamu zeggwanga. Enteekateeka ya gavumenti eyokwekulaakulanya eyokusatu (NDPIII) eruubirira okuwa obuweereza buno okuva ku bitundu 44% mu mwaka gwa 2018 okutuuka ku 60% mu mwaka gwa 2025.*
- *Okubunya obuweereza bwebyobulamu mu bantu nga muno mwemuli okukuuma abantu obutafuna buzibu obwekuusa ku kusalira empereza mu byobulamu, abantu okubatuusaako obujjanjabi ate nga bafuna eddagala ettuufu, erifunika ate eryetaagisa nokugema eri bonna.*
- *Okwongeza ku ssente eziteekebwa mu byobulamu ko n'okwongeramu abakozi mu kitongole, okubakulaakulanya mu kubabangula, nokubakuumira mu mulimo gwobujjanjabi mu nsi ezikyakula naddala mu nsi ezikyali emabega n'obusi obutonotono obwebizinga.*

Gavumenti ya Uganda etaddewo enkola nentereeza okulaba nti obuweereza mu byobulamu buterezebwa mu ngeri eyoomugaso ate esaanidde. Muno mwemuli okuzimba amalwaliro ku mitendera omusanvu obujjanjabi webugabirwa okuviira ddala ku basawo boomubyalo, ku miruka ku ddaala eryokubiri, ku magombolola ku ddaala erokusatu, ku masaza ku ddaala eryokuna, ku ma disitulikiti ewali amalwaliro gyebasindika ababa balemwe okuva mu malwaliro agawansi ate ne ku mutendera gwe ggwanga. Uganda eyogerwako okuba emu ku nsi erina amateeka amalungi agakwatagana nempeereza mu byobulamu

nga bwegalambikiddwa mu tteeka lyeggwanga eryebyobulamu 2010 nga obuweereza bwesigamizibwa ku kusalawo nti omuntu ajja kufuna obujjanjabi obusokerwako nga bwa bwereere (MHCP). Ekitegeeza nti buli ku malwaliro agali ku ggombolola wabengawo obujjanjabi obwenjawulo¹⁰. Wadde ekyo kiri bwekityo, wakyaliiwo obwetaavu bw'okuzimba amalwaliro naddala mu bitundu byebyaalo.

Wadde nga amalwaliro gazimbiddwa, enkola yobuweereza mu byobulamu efunye okusoomozebwa kungi ekireetedde ebipimo byobulamu obulungi okuba ebibi ennyo naddala mu bakyala, ekiragiddwa mu bakyala abafiira mu ssanya okuba 336/100,000 ku buli baana abazaalibwa; abaana abafa nga tebannaweza mwaka bateeberezebwa okuba 56/1000 ku buli baana abazaalibwa ate ebitundu 27% bikola ba maama abakyazaalira mu byalo ne batagenda mu malwaliro¹¹. Mu mbalirira yebyensimbi eyeggwanga eyemyaka gyebyensimbi 2018/19 ne 2019/20, omutemwa ogwatekebwa ku kitongole kyebyobulamu guli ebitundu munaana ku buli kikumi 8%¹² guli wansi nnyo ku kirangiriro kya Abuja ekyateesa nti ebitundu 15 ku buli kikumi (15%) ku mbalirira yeggwanga birina okutekebwa ku kitongole kyebyobulamu. Era ensi zonna eza Africa ezaateeka omukono ku kilangiriro kino zaakikkaanyaako nga ne Uganda mwogitwalidde. Ekirala, omutemwa ogutekebwa ku kitongole kyebyobulamu emirundi mingi gusalibwa ekyo ate nekyongerawo okusoomoozebwa okulagibwa mu butatekesa mu nkola ebyo ebiba byatekebwaterkebwa okukolebwa. Ebiddirira mwemuli eddagala okuggwaawo, ebikozesebwa mu malwaliro nga ebyuma ebikebera okubulayo, abasawo okufuna endowooza enkyamu nga kiva ku nsasula yaabwe embi.

Ekitongole kyebyobulamu okuweebwa ssente entono, kitabangudde obulamu bwabakyala kubanga abakyaala okusinga bebajjanjaba abalwadde ate nga era abakyala bebal mu katyabaga akanene olwembeera yebyobulamu, eyokwegatta ko nokuzaala, n'ebyo ebiyinja okubivaamu.

¹⁰ UWONET, 2018.

¹¹ UDHS 2016

¹² NDP II 2015-2020

Nga tutunuulira abakyala abalina obulemu ku mibiri gyabwe mu Uganda, ebitundu kkumi na bisatu ku buli kikumi (13%) mu bantu, balina obulemu obwengeri emu oba endala¹³. Olukiiko lwamawanga amagatte ku ddembe lyabantu abalina obulemu luwa obuyinza abantu abalina obulemu, eddembe lyelimu nga abantu abalala okufuna obuweereza ku byobulamu awatali kusosola.

Wadde nga ebyo biri bityo, abakyala abalina obulemu bafuna okusoomoozebwa okutuukiriza eddembe lino eribaweebwa okugeza nga obutaba na bizimbe ebiyamba embeera gyebalimu kufuna buweereza, ebikozesebwa obutabaawo, nebyetaago byobuweereza bwebaba beetaaze¹⁴. Obuweereza bwa ba maama abazaala bwakolebwa nga buyamba abo abatalina bulemu ku mibiri gyabwe nebeerabira abo abeetaaga obuweereza obwenjawulo nga balina obulemu. Okwongereza kwekyo, wadde nga tewali kiwandiiko kye tuyinza kwesigamako ku kubeerawo kwebizibu byobulwadde bwobwongo, kisuubirwa nti ebitundu bya bannaUganda asatu mu bitaano ku buli kikumi (35%) balwala obulwadde bwobwongo¹⁵. Okubalukawo kwekirwadde kya ssenyiga omukambwe nengeri gyekigootaanyizzaamu emirimo, ebyenfuna, ebyendya, ebyokwerinda, ebyobusuubuzi, ebyobulamu bwabakazi nabavubuka, nengeri endala nnyinji kyongedde okutabula n'okwonoona bwongo bwabantu mu ggwanga nga okunoonyereza kwetutayinza kwesibako nnyo kulaga nti abantu beeyongedde okufuna obulwadde bwobwongo.

Emiziziko egiremesa omwenkanonkano ogwesigamiziddwa ku kikula mu kufuna obuweereza mu byobulamu minji ate gya njawulo era nga muno mwemuli:

- ☛ Abakyala bitundu ana mu kimu ku buli kikumi (41%) boogera ku ngendo empanvu nga okusoomoozebwa kwe basanga okufuna obuweereza bwebyobulamu. Mu butuufuu ekitundu ky'abantu kitono nnyo ekibeera mu buwanvu bwa kilomita ttaano okuva ku ddwaliro lya gavumenti

13 The Lancet, 2011

14 Devkota et al, 2017

15 Arya et al, 2017

mu Uganda, kino kyongera okukalubya empeeriza eri obulamu bwa ba maama naddala mu bitundu ebyebyaalo.

- Obutaba na basawo bakola ku baana abazaalibwa nga tebatuuse ne ba maama abafuna obuzibu mu kuzaala¹⁶.
- Omujjuzo mu busenge bwabalwadde, amalwaliro agamu tegalina bikomera ate amalala tegalina madirisa era abayise basobola okulengera biki ebikolebwa mu busenge bwa balwadde. Ekiddirira abakyala abamu basalawo kuzaalira waka wabwe olwensonga nti amalwaliro tegalina bifo bikuuma byama byabwe.
- Gavumenti z'ebitundu teziweebwa nsimbi zimala era ssente ezibaweebwa tezimala kuwa buweereza mu byobulamu bumatiza naddala mu bitundu ebyebyalo.
- Enteekateeka yezadde embi nga kivudde ku buwangwa neddiini ezimu ezitakkiririza mu mwenkanonkano ogwesigamiziddwa ku kikula kyabantu ate nga bavumirira enkola ya kizaala ggumba¹⁷.
- Abakyala bangi naddala abembuto tebajjumbidde nnyo kugenda mu malwaliro ga gavumenti olw'obuweereza obutali ku mutindo obuliyo. Endowooza y'abasawo enkyamu eri emirimo gyabwe nga kwotadde nobutagoberera mateeka ga busawo mu basawo abamu naddala abazaalisa nga oluusi kiyinza kiva ku mulimo omuzito gwe baba balina olwabalwadde abangi nga kyegasseeko n'okuba nga tebasasulwa bulungi kiremesa abakyala okukozesa obuweereza obuweebwa abakyala abembuto.
- Gavumenti etaddemu nnyo amaanyi okuddaabiriza amalwaliro nga mwemuli naago endwadde ezenjawulo gyezijulizibwa amalwaliro ago abalwadde naddala abakyala n'abaami abasinga gabalema okutuukako olwolugendo, ebisale ko nobutali bumativu bwabantu ku buweereza bwebafunayo. Gavumenti esuumusizza amalwaliro agali ku mutendera ogwokubiri ku miruka wadde nga omutindo

16 WDN-U Consultations on the national women's manifesto 2020, Zombo district

17 WDN-U Consultations on the national women's manifesto, 2020, Arua, Moyo, Koboko and Nebbi districts

ogusuubirwa tegusituddwa, okugeza okuteekayo abasawo ku malwaliro nga basinziira ku balwadde abagendayo. Amalwaliro gano agasinga tegalina mmotoka zitambuza balwadde abeetaaga obujjanjabi obwamangu okubongerayo mu malwaliro amanene. N'olwekyo obulamu bw'abakyala bubeera mu katyabaga.

Ekikula, nobulamu bw'obuvubuka

Abavubuka bakkola ettundutundu erisingako obunene ku bantu abali mu Uganda ate nga abasinga bali wakati we myaka 10-19. Wabula, obuweereza obukwata ku bikolwa ebyokwegatta mu mukwano ko n'okuzaala obutunuuliziddwa ekiwayi ky'abantu bano butono nnyo. Abavubuka bafuna obuweereza mu ngeri y'emu ku malwaliro wamu n'abantu abakulu ate nga oluusi abamu baba bazadde baabwe¹⁸. Ekiddirira, abavubuka bangi baswala okufuna obuweereza buno nebatagendayo mu malwaliro. Kino y'emu ku nsonga ennyonyola okubeerawo kw'obuzibu bwabavubuka bwebasanga ku nsonga y'ebyobulamu nga muno mwemuli abaana abali mu myaka gyabatiini okufuna embuto, nga ebitundu abiri mu bitaano ku buli kikumi 25%¹⁹, basangibwa mu maserengeta geddungu Sahara. Ku abo abiri mu bitaano (25%), abavubuka ebitundu asatu mu bina ku buli kikumi (34%) bava mu ttundutundu lyabaavu ate abavubuka ebitundu kkuminabitaano ku buli kikumi (15%) bava mu kitundutundu ky'abagagga²⁰. Obulwadde bw'akawuka ka siriimu bukwatira ku misinde gya bitundu bisatu nakatundutundu kamu ku buli kikumi (3.1%)²¹. Ekireetedde emisinde gino okuba bwegityo mulimu obutabanguko, obutafuna buweereza mu bikolwa ebyokwegatta mu mukwano, n'okuzaala, ebyobuwangwa ebiteeka obulamu mu matigga, abavubuka okutyoboolwa, okusosola mu byenfuna n'embeera zabantu okwesigamiziddwa ku myaka n'ekikula kyabantu.

18 Ibid 2

19 UBOS 2016

20 NDP III

21 Ibid 11

Okugattako kwebyo, Uganda nga ekendeezezza ku kusaasaanya kwakawuka ka siliimu, emiwendo egiriwo giraga nti, waliwo okumeruka kwokusaasaanya kwakawuka okweyongedde mu bakyala okusinga mu basajja. Ekirwadde kya ssenyiga omukambwe kyayongerawo okusoomoozebwa eri abalwadde okufuna obuweereza ku bulwadde bwakawuka ka siriimu, nokufuna eddagala anti entambula yali esibiddwa ko n'amateeka amalala agaateekebwawo okwewala okusaasaanya kwekirwadde kino eky Ssenyiga omukambwe²².

Ebyobuwangwa ebiteeka obulamu mu matigga nga muno mwemuli okufumbiza abaana abataneeetuuka, okukomolebwa kwabakyala, okwezza ba nnamwandu, n'okuwasa abakyala abangi ze zimu ku nsonga enyinji eziteeka abakyala n'abaana aboobuwala mu matigga gokufuna akawuka ka Mukenenya. Abaana abawala tebalina webajja bubaka bumala n'obukodyo bwebasobola okukozesa okwekuuma akawuka ka siriimu. N'amateeka agakuuma abaana abawala n'abakyala era nga gatumbula obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula tegateekesebwa bulungi mu nkola²³.

Ebitundu kkumi na mwenda ku buli kikumi(19%) bazadde. Egimu ku miziziziko egiri mu bwenkaya obwesigamiziddwa ku kikula mu mbeera yebyobulamu mulimu; Abavubuka obutafuna buweereza bukwata ku bikolwa ebyokwegatta, n'okuzaala obwangu bureetera abawala okuba mu katyabaga kookugwa mu bizibu ebyekuusa ku bikolwa ebyokwegadanga nokuzaala; Poloogulaamu ezikwatagana ne bikolwa byokwegatta mu mukwano, wamu n'okuzaala teziyeewo kusoombwezebwa okuli mu bavubuka, okutandika amangu okwetaba mu bikolwa ebyokwegatta, okutyoboola eddembe lyabaana mu bikolwa ebyobuseegu, okufumbiza abaana abato abataneeetuuka, n'obutaba na bubaka bumala obukwata ku bikolwa ebyokwegatta mu mukwano n'okuzaala, ne gyebayinza okubufuna²⁴.

22 GoU-SDGEA, 2018:7-8

23 Ibid 15

24 Ibid 5

Abakyala ba Uganda beetaaga ensonga zino zikolebweko

i. Okwongera ku muwendo gwabakozi

- ➔ Omuwendo gwabakozi gulina okwongerwako nga basenziira ku mutendera gwobuweereza obuweebwa ku ddwaliro lyonna nga bwekiragirwa ekitongole kyebyobulamu mu bigobererwa ebyatekebawo mu mwaka 2011 nga bannyonyola, bagunjaawo era nga basuumusa amalwaliro nga bwebaateesa nti abasawo ebitundu nkaaga mu bitaano ku buli kikumi (65%) ku malwaliro egalagiddwa.
- ➔ Okujjawo ekkomo eryali liteekeddwa ku kuwa abasawo emirimo okusobozesa omuwendo gwabasawo okukwatagana nabalwadde omusawo baalina okukolako nga ekitongole kyebyobulamu ekyensi yonna bwekyasalawo nti dokita omu alina okukola ku balwadde lukumi (1:1,000.). Kino kirina okugattibwako ebyo ebibazzaamu amaanyi. Okugeza; omusawo asinga okuba ku ddaala elyawansi alina okufuna waakiri akakadde kamu nekitundu buli mwezi.

ii. Okutereeza ebizimbe byamalwaliro

- ➔ Amalwaliro galina okuweebwa ebizimbe ebyetaagisa nebikozesebwa nga mwemuli ebyo ebiyamba abakyala abalina obulemu ku mibiri gyabwe nga bwekiragirwa ekitongole kyebyobulamu mu bigobererwa ebyatekebawo mu mwaka 2011 nga bannyonyola, bagunjaawo era nga basuumusa amalwaliro (amalwaliro galina okuba n'ekisenge kya balwadde ekyabaami nga mulimu waakiri ebitanda 15 era nennyumba zabasawo 80 n'ebizimbe ebirala ebyetaagisa. Amalwaliro agali ku ddaala eryokusatu ku magombolola galina okuba nenyumba zabasawo eziwerera ddala kkumi ko nebizimbe ebirala ebyetaagisa ate amalwaliro ku mutendera ogwokubiri agali ku miruka galina okubeera ne nnyumba zaabasawo nnya nebizimbe ebirala ebyetaagisa.

- oWakiri emotoka emu etambuza abalwadde nga erimu buli kyetaagisanga era n'abakyala abalina obulemu ku mibiri gyabwe basobola okugyeggulira bweetekebwa ku buli ddwaliro eriri ku ddaala eryokusatu, eryokuna n'amalwaliro amanene mu Uganda, okwanguya okutambuza abalwadde ababa basindikiddwa mu malwarilo amaneneko okukendeeza ku muwendo gwabaana n'abakyala abafiira mu ssanya.
- Okusoosowaza okubeerawo kwebikozesebwa ku bulamu bwa ba maama n'abaana ku ba maama abeesobola n'abo abateesobola(ebyuma ebiyamba abalemereddwa okussa, ebitanda okuzaalirwa, nebyo ebyeyambisibwa mu kulondoola ba maama abafunye obuzibu nga bazadde, nebyuma ebiyamba akutaasa obulamu bwabaana abazaalibwa nga tebatuuse) mu malwaliro geddaala eryokusatu okusobola okufa ku bwetaavu obugwaawo nga omwana azaalibwa.

iii **Okwongera kumutemwa oguweebwa eby'obulamu by'abakyala mu mbalirira.**

- ➡ Okwongera ku mutemwa oguweebwa kitongole ky'ebyobulamu ebitundu kkumi ku buli kikumi (10%) nga enkola ya 'Maputo Protocol' okusobola okuziba emiwaatwa egiri mu buweereza bwebyobulamu naddala obulamu bwa ba maama, n'okulondoola enkola mu byobulamu, era wakiri ebitundu bitaano ku buli kikumi (5%) ebyembalirira bigende ku bujjanjabi bwa ba maama ate wakiri ebitundu mukaaga ku buli kikumi bigende ku bujjanjabi obusookerwako.

iv. **Okulongoosa empeereza mubyobulamu nga etunuulira ekikula kyabantu**

- ➡ Obuweereza obukwatagana n'embeera yokuzaala mu ggwanga bulina okuweebwa abavubuka nga mwotwalidde nabakyala

abalina obulemu ku mibiri gyabwe balina okufiibwako nga bafuna obuweereza, n'amawulire. Naddala abavubuka abali mu bitundu bye byalo okusobola okukendeeza abaana abatiini okufuna embuto, ate n'okujjamu embuto mu ngeri e'yobulabe.

- ➔ Okuzzawo kaweeefube w'okulwanyisa ekirwadde kya mukenenya n'obuweereza nga butunuulidde embeeraa eyakyuseemu olwekirwadde kya ssenyiga omukambwe nemiziziko egiremesa okufuna eddagala lyakawuka ka siriimu nembeera eyakyuse mu kukilwanyisa.
- ➔ Mumpeeereza y'ebbyobulamu mugattibwemu obuweereza obwekuusa ku mbeera z'obwongo bw'abantu wamu n'embeera gyebabeeramu okusobola okujjawo enkovu ezirekebwawo ombeera y'obwongo ku muntu ssekinoomu ne mbeera y'amaka ennungi.

v. Amasomero agabangula abasawo

- ➔ Amasomero agabangula abasawo galina okuddukanyizibwa ekitongole ky'ebbyobulamu okulaba nga kigoberera okusobola okukola ku nsonga ezitaataaganya amasomero g'abasawo ago. Ebirina okusomesebwa mu masomero g'abasawo mulina okubaamu amagezi, n'obukodyo bw'okukwasaganya abantu abalina obulemu ku mibiri gyabwe naddala abakyala.



Okusoma kw'abakyala n'abaana ab'obuwaliriza ekiruubirirwa nnamba 4 ekyenkulaakulana eyomuggundu ekigamba nti: ***“Okulaba nga ensomesa ya bonna eyomutindo ate eyobwenkanya ebaawo ko n'okutumbula emikisa gyokusoma egyobuwangaazi eri bonna”.***

Ebiruubirirwa byennyini ebikwatagana nokusoma kwabakyala wamu nomwana omuwala biri;

- *We tunaatuukira mu mwaka 2030, tulina okulaba nga abaana abobuwala wamu n'abalenzi bafuna obuyigirize obwekyenkanyi obwobwereere obwomutindo ku ddaala eryannakasooka (primary) ne siniya kiviireko okufuna ebibala ebyomugaso.*
- *Abaana abobuwala wamu n'abalenzi basobola okufuna okufiibwako nga baakazaalibwa omuli endiisa ennungi, okuzimba obwongo bwabwe mu ngeri eyomulembe. Okufuna*

- okusomesebwa okusookerwako okulaba nti beetegekera okuyingira eddaala eryannakasooka (primary).*
- *We tunaatuukira mu mwaka 2030, okulaba nga abantu abakyala n'abaami basobola okufuna okubangulwa mu byemikono, nobukugu obwenjawulo era nga basobola okufuna okubangulwa mu matendekero agoowaggulu nga mwemuli ne zi ssettendekero ku bisale ebisoboka.*
 - *We tunaatuukira mu mwaka 2030, okulaba nga obutali bwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula bumalibwawo mu byenjigiriza era wabeewo emikisa gya kyenkanyi okufuna okubangulwa ku buli ddaala lyobuyigirize okwekyenkanyi nga kuno kwogasse okusomesa abantu abali mu mbeera yakatyabaga ebyemikono nga muno mwemuli abantu abalina obulemu ku mibiri gyabwe, abantu ba wansi ko nabaana abali mu mbeera eyakatyabaga.*
 - *We tunaatuukira mu mwaka 2030, okulaba nga abavubuka bonna ko n'ettundutundu ly'abantu abasajja n'abakazi abakulu abalimu ensa basomesebwa okubala n' okuwandiika.*

Gavumenti ya Uganda mu myaka egiyise yagunjaawo puloogulaamu ezenjawulo ezigenderera okutuukiriza eddembe lyabaana abawala okufuna obuyigirize. Mu zino mwemuli; Empenda ze ggwanga ku kusomesa omwana omuwala (2004)(The National Strategy for girls' education (2004), Ekiwandliiko kyebigobererwa ku byenjigiriza 1992 (Government white paper on education 1992). Enteeekateeka yokukulaakulanya ebyenjigiriza eya 1997-2003.(Education sector investment plan of 1997-2003.). Okwongereza kwebyo, waliwo enkola ya Bonnasabwaga ku ddaala eryannakasooka ko nerya siniya, ko netteeka ku kusoma okutandikirwako. Mu mwaka gwa 2017 gavumenti yakola entereerereza ku tteeka ly'ekikula mu byenjigiriza eryateekabwawo mu mwaka 2016.

Okusenziira ku kitongole ekikwasaganya omutindo mu ggwanaga (UBOS), omuwendo gwabaana abawala nabalenzi abaali mu ssomero wakati

womwaka 2012 -2016 gwali gwenkana nga kino kyava kun kola ya Bonnasasome. Naye ate waliwo obutafaanagana obwessimba mu bitundu ebimu nga kiteeberezebwa nti ebitundu 56 ku buli kikumi baali balenzi ate ebitundu 44.5 ku buli kikumi baali bawala²⁵. Waliwo ekitundutundu ky'abaana abatuusaizza okugenda ku ssomero naye nga tebagandangako mu ssomero ku ddaala erya nnakasooka. Abaana ebitundu 23 abatagendanga mu ssomero bawala obutafaananako abaana abalenzi abali ebitundu 12 ku buli kikumi, ekiraga nti enkola ya Bonnasasome esinze kugasa baana ba bulenzi okusinga abawala²⁶.

Omutindo gwebyenjigiriza mu masomero ga bonnasasome gugenze gusereba nga kuno kwogasse n'abaana naddala abawala okuva mu masomero ate nokutya nti enkola eno eyinza obutawangaala olwobutabaawo ssente zijiddukanya. Ku mutendera gwa siniya, obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula businaga kuyamba baana ba bulenzi olwensonga nti abaana abawala bangi bava mu masomero nga tebannamaliriza ddaala lya Nakasooka²⁷. Abawala ebitundu asatu ku buli kikumi bamaliriza eddaala erya Nakasooka. Ekitegeeza nti ku buli bawala kkumi abatwalibwa mu ssomero, basatu bokka be bamaliriza nebeeyongerayo mu siniya. Obutamaliriza ku ddaala lya ssiniya erya bulijjo nga baali abaana ebitundu 34.8 ku buli kikumi mu mwaka 2017 nga abalenzi baali ebitundu 36.2% ate nga abawala bali ku bitundu 33.5%.

Abasomesa okukabasanya abaana abawala mu bikolwa ebyokwegatta awatali abakuba ku mukono kyongedde okwonoona ebyenjigiriza by'abaana abawala. Ekikolwa eky'okukabasanya abaana mu by'omukwano kibikkibwabikkibwa kubanga amaka ago agaba gakoseddwa tegaagala kwanika kikolobero kituusiddwa ku mwana wabwe ate nno nga guba musango gwa nnaggomola²⁸.

Ekirwadde kya ssenyiga omukambwe ekyaleetera n'okuggalwawo kw'amasomero kireetedde abaana abavubuse okufuna embuto mu bitundu bye ggwanga ebyenjawulo. Kwogatta ne mize emirala nga okufumbiza abaana abatanneetuuka, nobutabanguko obwesigamiziddwa ku kikula ky'abantu byongedde okuleetera abaana naddala abawala okuva mu masomero²⁹. Okusoomoozebwa okulala okulemesa obwenkanya

25 UWONET 2015

26 UBOS 2014

27 Ibid 7

28 Ibid 7

29 Ibid 1

obwesigamiziddwa ku kikula mu masomero ga Nnakasooka ne Siniya mwemuli; ensomesa y'abaana abato abatannatuuka mu ddaala erisooka si ya mutindo, ensomesa ya baana mu masomero ga Nakasooka si ya mutindo nga kino tukirabira ku butamanyanya kusoma na kuwandiika obuli ku bitundu 49.9 ku buli kikumi abekibiina ekyokusatu ate ebitundu 53.1 ku buli kikumi mu kibiina ekyomukaaga, obutamanyanya kubala obuli ku bitundu 55.2 ku buli kikumi mu kibiina ekyokusatu, nebitundu 50.9 ku buli kikumi mu kibiina ekyomukaaga³⁰. Endowooza enkyamu eri mu bantu abalowooza nti okusomesa omwana omuwala ku kwonoona ssente. Omutindo gwebyenjigiriza okutwalira awamu si mulunji era abazadde abeesobola basalawo nebatwala abaana baabwe mu masomero gobwannanyini³¹, abaana okufuna amazzi amayonjo agookunywa mu masomero kiri ku bitundu 51 ku buli kikumi, okubeera ne kaabuyonjo mu masomero kiri ku bitundu 19 ku buli kikumi, ewanaabirwa engalo ebitundu biri 34 ku buli kikumi, obwavu mu baana buli ebitundu 55 ku buli kikumi ate okubigika abaana emirimo kiri ku bitundu 27 ku buli kikumi, ebyobuwangwa ebissa abantu mu katyabaga omuli okukomola abakyala ebitundu by'ekyama, omuwendo gw'abaana abalina obulemu obwenjawulo nga bali mu myaka etaano nokudda waggulu guli waggulu ku bitundu 12.5 ku buli kikumi³². Naye ate, omuwendo guno tegawuuddwaamu mu ngeri ezenjawulo okugeza nga emyaka, ekikula, n'obulemu omuntu bwalina. Kino kibeera kizibu okusoosowaza ensonga ezisinga okuba ezamaanyi. Kino kirese abaana abawala abava mu maka amavu agomubyalobutabasobola kufuna kusoma okwomulembe ku ddaala erya siniya.

Ensonga endala ezeetaaga okukolwako zikwatagana nobutaba na bikozesebwa bimala mu nsonga zeekikyala oba oluusi obutabeererawo ddala mu masomero naddala obutabaawo buyumba abawala mwebakyusiza ate nobutaba na wasuulwa biwero ebikozesebwa mu nsonga zeekikyala; "obutaba na buyumba bukyamwamu bumala obwabawala n'abalenzi ko n'abasomesa ekireetera abuyumba buno okukozesebwa abayizi abawala nabalenzi wamu nabasomesa. Omutindo ogwokubeera n'akayumba akakyamibwamu kamu ku buli bayizi makumi ana (40) tegugobereddwa anti amasomero agasinga galina okayumba

30 NDP/III

31 National Planning Authority 2014:18

32 Ibid 23

kamu ku buli bayizi abasoba mu nkaaga (60) kino nga kivudde mu kubuuliriza okwakolebwa mu disitulikiti ye masaka ne Rakai³³.

Okuba n'abasomesa abatono mu masomero naddala abakyala kukyali kusoomoozebwa. Weesanga abasomesa abasajja be basinga okukozesebwa okusinga abasomesa abakazi nga batunuulira obuvunaanyizibwa bwaba maama bwebaba balina nga oluusi baja kusaba empumula nga bagenze okuzaala. Okwongereza kwebyo, obutafa ku byetaago bya mbeera y'abasomesa bakyala okugeza nga okubafunira webasula, kyonoona emikisa gyabwe egyokusomesa mu masomero naddala agali mu bitundu byebyalo ate nga yeewali obwetaavu bw'abasomesa obungi. Okussa amaanyi g'abasomesa abakyala nga bateekabwa mu bibiina ebya wansi naddala bino ebisookerwako kibasubya emikisa okulinya amadaala mu kitongole kyebyenjigiriza³⁴.

Mu mwaka gwa 2016, abayizi abaawandiikibwa ku matendekero agaawaggulu baali 58,866 nga mwabo abayizi ebitundu 72 ku buli kikumi baali bagenze mu zi ssettendekero. Kwabo abaawandiikibwa, abayizi ebitundu 56 ku buli kikumi baali balenzi omuwendo ogwali waggulu ku gw'abawala abaali ebitundu 44 ku buli kikumi. Newankubadde ku ddaala erya ssettendekero waliwo okugenda mu maaso ekireetedde omuwendo gwabawala abatandika mu ssettendekero ezeenjawulo okubeera ku bayizi 33 ku buli kikumi mu masomo ga saayansi mu mwaka 2008/2009 ate ebitundu 45 ku buli kikumi nga bali mu masomo g'embeera za bulijjo mu mwaka gwe gumu ogwo, omuwendo gwabayizi abakola amasomo ga saayansi guli wansi nnyo. (guli wansi woogwo oguluubirirwa okutuukibwako ogw'abayizi 35 ku buli kikumi).

N'amasomo ge mbeera za bulijjo, omuwendo gw'ayizi gukyali wansi nnyo okusinzira ku muwendo ogwali guluubirira okutuukibwako – (abayizi ebitundu 50 ku buli kikumi) okulaba nti obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula bubeerawo. Okutwalira awamu omuwendo gw'abayizi abawala abawandiikibwa ku ssettendekero gukyuseemu katono okuva ku bitundu 42.1 ku buli kikumi mu mwaka gwa 2006 okutuuka ku bitundu 43.8 ku buli kikumi kati. Oluwonko olwesigamiziddwa ku kikula lwongera okugaziyibwa etteka lya gavumenti 2012 abayizi okuweebwa omukisa okusoma naye nga teyafa ku kikula oba enkola yonna eyongera okutumbula ekitonde

33 ACFODE consultations on the national women's manifesto, 2020

34 WDN-U consultations on the national women's manifesto, Yumbe district 2020

ekikazi. Kyekoze, yeekubidde nnyo ku masomo ga saayansi netafa ku bawala kubanga abasing beesamba amasomo ga saayansi³⁵.

Emiziziko egiremesa omwenkanonkano ogwesigamiziddwa ku kikula kyabantu mulimu; okufumbiza abaana abato, abaana okufuna embuto, abantu okwagala enno abaana abalenzi, ebizimbe nebikozesebwa ku ssomero ebitali ku mutindo ate nga tebifa ku byetaago bya mwana muwala, obwa mulekwa, engendo empanvu nag bagenda ku ssomero, ssente ezisabibwa okusasula ebisale bya ssettendekero, emirimo emingi awaka, n'obutakola bulungi mu masomero ekireetedde omuwendo gwabawala abamaliriza okusoma ku ddaala ery Nnakasooka okuba wansi w'ebitundu 30 ku buli kikumi³⁶. Obutafuna kumanyisibwa, n'obutekkirizaamu mu bawala mu bitundu bya west obwavu Nile kizibu kya maanyi kubanga omwana omuwala bwataba na kumanyisibwa mu mbeera y'obwavu obukudde ejjembe, asobola okukosebwa mu ngeri eziwerako; okugeza, okufuna embuto nga bakyali bato, nokulemererwa okuteeka amaanyi ku bisomesebwa mu masomero³⁷.

Mu bitundu bye byalo, ebituukiddwaako mu nkola ya Bonnabasome tebituukira ku bawala mu ngeri yeemu gye bituukira ku balenzi olwebizibu abaana abawala bye basanga omuli ebikozesebwa mu masomero nendowooza enkyamu mu bantu abalowooza nti okusomesa omwana omuwala kuba kwonoona ssente.³⁸

Abakyala ba Uganda baagala ensonga zino ziteekebwe mu nkola:

i. Okwongeza ssente eziteekebwa ku mutemwa gwebyenjigiriza n'ebiyetaago by'abawala ebyesigamiziddwa ku kikula

- ➔ Okwongerera ssente n'ebikozesebwa mu bintu ebikulu enyo eri omwana omuwala nga muno mwemuli amazzi n'ebiyobulamu, obuyonjo mu mbeera zaabwe ezeekikyala neebirala okusobola okubakuumira mu ssomero kisobozese okwongerera ku myaka egirina okuba mu ssomero okuva ku bitundu 6.1 ku buli kikumi

35 WOUNET, 2015:28

36 UDHS, 2016.

37 WDN-U consultations on the national women's manifesto, 2020, Arua, Koboko, Zombo and Nebbi districts

38 UWONET et al, 2016:12

okutuuka ku bitundu 11 ku buli kikumi nga enteekakateeka ya gavumenti eyokwekulaakulanya eyomulundi ogwokusatu (NDP III)bwegamba.

- ➔ Okuteeka ssente mu kitongole kyebyenjigiriza waakiri ebitundu 46 ku buli kikumi ebya ssente ezifunibwa wano mu ggwanga ate era waakiri ebitundu 15-20 ku buli kikumi ku ssente zonna ezisaasaanyizibwa ku mbalirira yeggwanga nga bwekyalambikibwa mu kirangiro kya Nairobi (Nairobi Declaration and call for action on education Agenda 2063).

ii Okuzimba ebizimbe mu masomero nga biyamba buli kikula ate nokuteekesa mu nkola amateeka gebyenjigiriza agatunuulidde ekikula ky'abantu

- ➔ Okuteekesa mu nkola okukakasa nga omutindo ogwateekebwawo era ogwalagirwa gugobererwa. Okugeza ogwokuzimba kaabuyonjo nga buli kasege kabalirirwa abayizi makumi ana.(40) ate nokwawula obuyigo bwabalezi n'obwabawala ko n'obwabasomesa. Kino kirina okwongerwako okuzza obujja enkola yokulambula amasomero okukakasa nti buli kimu kiteekeddwa mu nkola, okuteekawo amateeka n'ebigobererwa nga okuzimba ewasuulwa ebiwero ebikozesebwa mu mbeera z'ekikyala, n'obusenge abawala webakyusiza okusobola okufa ku bulamu bwabwe n'eddembe ku mbeera zekikyala.

iii Okukuuma n'okutumbula eddembe ly'omwana omuwala mu byenjigiriza n'okuteekesa amateeka agakwataganye n'ensonga eyo mu nkola

- ➔ Emateeka ku kusobya n'okukabawaza abaana ko n'okubafumbiza nga tebanneetuuka gassibweko essira nga gateekesebwa mu nkola okusobola okubonereza abo abakikola wamu n'okuziyiza abalala abayinza okukikola.
- ➔ Okuteekawo engeri z'okukendeezaamu akatyabaga k'ebikolwa ebyobukambwe n'okukabasanyizibwa mu bikolwa by'omukwano

mu masomero naddala nga kikolebwa abasomesa ku baana abawala.

- ➡ Ebigobererwa mu byenjigiriza mulina okuteekebwamu okusomesa abaana ebyo ebisaanidde ku buli mutendera gwa myaka, ensonga z'ebyokwegatta mu bikolwa byomukwano nga bamaze okwebuuza ku bantu abalala abakwatibwako ensonga eno nga mwemuli abazadde, obukiiko bw'amasomero, abantu abakulu, abakulembeze mu ddiini, ko na'bo abakulira mu byobuwangwa . Abaana ba masomero ku buli.
- ➡ Abo bonna abakwatibwako ku nsonga y'okusomesa omwana omuwala nga mwotwalidde n'abakulembeze beebyobuwangwa balina okubangulwa okusobozesa okuyisa ekiteeso kyokudibya enkola zeebyobuwangwa ezimu nga emikolo gy'okufumbiza n'okuwasa gitwala ebbanga lya ssabbiiti namba.
- ➡ Okuteekawo etteeka ly'okukkiriza abaana abawala abafuna embuto mu masomero okuddayo okusoma. Abakulembeze baamasomero, abakyala mu masomero abakwatibwako ensonga z'abawala, abakyala abalabirira abaana abali mu bisulo ko n'abasomesa abasajja balina okuba nga basomesebwanga engeri gye balina okukwatamu omwana omuwala okumusobozesa okubeera mu mbeera ennungi okwewala okubatulugunya mu bwongo.

iv Okuteekawo enkola emanyikiddwa etakyukakyuka mu kuwa emirimo abakulu b'amasomero abakazi n'abasajja mu masomero gonna mu bibiina ebya wansi n'ebya waggulu mu masomero ge ddaala erya Nakasooka ne mu ago aga Siniya.



Okutumbula ebyenfuna by'abakyala kiyamba okutuukiriza ku kigendererwa kyenkulaakulana eyoomuggundu ekisooka. `Okumalawo buli kika kya bwavu bulo wamu`.

Ebiruubirirwa okutuukibwako abikutte ku kutumbula abakyala mu byenfuna bye bino;

- *Omwaka gwa 2030 wegunaatuukira, okugobera ddala obwavu obuyitiridde mu bantu bonna buli wamu. Kati bupimibwa ku muntu nga afuna ssente eziri wansi wa Ddoola 1.25 olunaku.*
- *Omwaka gwa 2030 wegunaatuukira, okukendeeza okutuukira ddala ku kimu kya kubiri ky`omuwendo gw`abasajja, abakazi wamu n`abaana aba buli mutendera gwa buli myaka abali mu bwavu obwa buli ngeri okusinziira ku makulu gaakyo agegwanga.*

- *Omwaka gwa 2030 wegunaatuukira, okukakasa nga abakazi n'abasajja bonna naddala abo abali mu bwavu, nabo abateeyinza balina eddembe lya kyenkanyi ku byenfuna nga kwottadde neddembe okufuna obuweereza obukulu, obwannanyini, n'obuyinza ku ttaka n'ebintu ebirala ebikalu, obusika, ebyobugagga ebyobutonde, tekinologiya omutuufu, n'obuweereza mu byensimbi nga mwotwalidde ne bu bbanka bwa ba mufuna mpola.*

Abakazi mu Uganda okutwalira awamu be basinga okunyigirizibwa mu byenfuna bwogeraageranya n'abasajja. Obusobozi bwabakazi okwewola ssente kikyali kizibu nga ebitundu 70 ku buli kikumi biraga nti kiva ku butaba na misingo egyeetaagisa okwewola mu bitongole ebiwozi bya ssente. Obuweereza mu byensimbi kikulu nnyo mu kutumbula ebyenfuna ne mu byobwenkanya mu kikula ky'abantu. Okunoonyereza okwakolebwa kwebaayita. 'Financial inclusion insight' 2017 kyazaazulibwa nga abakazi ebitundu 61 ku buli kikumi tebaalina ssente kukolagana na bbanka obutafaananako basajja abaali ebitundu 51 ku buli kikumi.

Mu ngeri yeemu, abakyala ebitundu 14 ku buli kikumi obutafaananako basajja abaali ebiyundu 12 ku buli kikumi, baali tebalina busobozi kukozesa nkola ey'okuweereza ssente ku ssimu olwobutaba na ssente. Okusinzira ku nteekateeka ye nkulaakulana yeggwanga eyookubiri (NDPII), ekitongole kyeby'obulimi ekitwalilamu ebibira, n'ennyanya kyawa abantu ebitundu 72 ku buli kikumi emirimo. Okuteebereza kuli nti, abakazi bakola ebitundu 77 ku buli kikumi kwabo abaaweewabwa emirimo. Bwetutuulira ssente ezifunibwa mu bintu ebikolebwa wano, ekitongole kyebyobulimi kyakungaanya ebitundu 24.9 ku buli kikumi mu mwaka gwebyensimbi 2016/17 (UBOS, 2017).

N'olwensonga eyo, okukendeeza obutali bwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula mu byobulimi kijja kukolawo enkyukakyuka mu bantu bangi ate era kijja kwongeraga ku nkulaakulana etasosola nga tugeraageranyiza ku bitongole ebirala. Bbanka yensi yonna yakola okunoonyereza mu 2015 neeraga nti singa oluwonko oluli ku kikula ky'abantu lujjibwawo,

mu byobulimi, kisobola okwongera ku muwendo gwa ssente eziva mu by'obulimi nga doola za America obukadde 58 ate omuwendo gwa ssente eziva mu bitongole byonna zeeyongereko obukadde bwa doola za America 67 buli mwaka. Ebiraga enkulaakulana ebyensi yonna (The World Development indicator) biteeka enfuna ya Uganda ku bintu ebifulumizibwa wano mu mwaka 2017 ku ddoola za America 25.9 ate enfuna ya buli mutwe okuba ku ddoola za America 666.7 mu mwaka ogwo gwe gumu.

Gavumenti yateekawo ebbaluwa eraga obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula mu buli pulogulaamu n'emirimo egirina okukolebwa mu buli kitongole kya Gavumenti n'ebitongole ebirala era kino kirongoosezzaamu ko ku ndaba y'ekikula mu nteekateeka n'embalirira z'emirimo naye okusingira ddala kikolebwa mu mirimo gya gavumenti eya wakati.

Abakyala bangi bakola emirimo gyewaka egitasasulwa. Ebyazuulibwa ekitongole kya UWONET 2018 nga beekenneenya ekikula biraga nti. Ebitundu 43 ku buli kikumi ku bakazi abali mu Uganda obutafaananako basajja abali ebitundu 20 ku buli kikumi bakola emirimo gya waka egitali gya kusasulira. Abakyala bamala essaawa 7.5 olunaku nga bakola emirimo egitali misasulire obutafaananako basajja abakola essaawa bbiri olunaku nag bakola emirimo. Ekivaamu, abasajja bakoze obudde bwabwe obusinga nga bakola emirimo egisasulwa, bafuna ssente ne bagula ebintu ebyobugagga eno nga abakazi obudde bwabwe obusinga babumalira ku mirimo gya waka egitasasulwa.

Wadde nga puloogulaamu ya Gavumenti eyokukulaakulanya abakyala (UWEP) erina ebigendererwa ebirungi, egenda kuyamba abakyala bangi mu Uganda era ekyuse ku mbeera yaabwe eya bulijjo n'ebyenfuna. Okubuuliriza okwakolebwa ku nsonga ssemasonga ezirina okuteekebwa mu kisuubizo kyabakyala kulaga nti ssente ezaatekebwa mu puloogulaamu ya Gavumenti eyokukulaakulanya abakyala (UWEP) zaali tezimala. Okugeza, mu disitulikiti ye Masaka obukadde 190,000,000/- obwa silingi ya Uganda ze ssente ezaaweebwa ebibiina by'abakyala makumi abiri mu mwaka gwebyensimbi 2018/2019 kyokka nga disitulikiti

erina ebibiina byabakyala ebisoba mu bikumi bibiri³⁹. Kikakasiddwa nga abakyala abasinga obungi tebaganyuddwa mu ssente zino mu Masaka wamu ne disitulikiti endala mu ggwanga lyonna.

Okusenziira ku alipoota eyakolebwa ekitongole kya Civil Society Budget Advocacy group eyatumibwa Embalirira ya bannansi 2019/2020, embalirira y'ekitongole ekivunaanyizibwa ku nkula y'embeera z'abantu ey'omwaka 2019/2020, yasalibwa nga bajjeemu omudemwa gwa puloogulaamu y'okuwa abavubuka ssente z'okwekulaakulanya (YLP) wamu nezaabakyala (UWEP). Ssente eziwerera ddala obuwumbi bwa Uganda 15.8 obwali bulina okuweebwa ebibinja bino; ebya bavubuka n'abakyala nga buli kibinja kiweebwa obuwumbi 7.9 tezaabawebwa ekikyankalanyizza obuweereza mu puloogulaamu zombi. Omwenkanonkano ogwesigamiziddwa ku kikula, ne puloogulaamu ezikulaakulanya abakyala mu mwaka gwebyensimbi 2019/2020 zaawebwa omudemwa ogusingirayo ddala obutono mu puloogulaamu zekitongole – Akawumbi 1.7 ka silingi ya Uganda nga kyava ku nsonga y'okuzza ssente ezo okugabibwa wansi mu gavumenti z'ebitundu.

Abakyala ba Uganda beetaaga bino:

i. Okwongeza omudemwa mu mbalirira y'ebyensimbi ogudda ku byobulimi

- ➔ Okwongeza omudemwa mu mbalirira y'ebyensimbi ogudda ku byobulimi okuva ku bitundu 4 ku buli kikumi okutuuka ku bitundu 10 ku buli kikumi nga bwekyogerrwako mu Kiwandiiko kya 'Abuja declaration'. Ebirina okwongerwa mu kitongole kyebyobulimi birina okutunuulira ennima eyoomulembe nga okukozesa ebyuma, okwongerwa omutindo kwebyo ebirimwa, n'obutale abakyala gyebalina okutunda ebintu byabwe okwongerwa okutumbula omwenkanonkano.

³⁹ ACFODE consultations on the national women's manifesto 2020 in Masaka district

ii. Okwekenneenya, okutereeza, n'okuteekesa mu nkola amateeka agakwata ku nsonga eno, n'agatumbula ebyenfuna b'yabakyala.

- ➔ Okwekenneenya puloogulaamu ezitumbula ebyenfuna by'abakyala nga bapima engeri abakyala gyezi bagasizzaamu, n'emiwaatwa egyaliwo nga bateekawo puloogulaamu empya ezitumbula ebyenfuna by'abakyala okusobola okuteekawo obwenkanya.
- ➔ Okuteeka entereerereza ku tteeka ly'ettaka okusobola okuteekawo obwannanyini obwawamu ku ttaka n'ebyobugagga ebirala mu bafumbo nga bifuuka ebyobugagga by'amaka nga bwekirambikiddwa mu tteeka ly'ettaka 2013.
- ➔ Okuyisa ebbago ly'etteka ly'obufumbo (2009) mu bwangu lifuuke etteeka. Ebbago lino likkiriza abantu abafumbo, n'abo abatali bafumbo mu mateeka naye nga babeera bonna okusalawo ku ngeri ebyobugagga gyebirina okugabanibwa nga bali mu mbeera y'obufumbo oba nga buweddewo.

iii. Okutunuulira okuteekawo okwewola kwabakyala okusinga lwebaweebwa ssente zeninyini, nga muno mwotwalidde okuteeka ssente mu bubiina bwabakyala obwa tereka weewole naddala abali mu byalo.

iv. Okulaba nga ebibiina ssente mweziyisibwa okutumbula ebyenfuna, wateekebwawo emitendera egisookerwako, nenkola nga zitwaliramu ensonga zekikula nga zilondoolwa okukakasa nti bigobererwa. Okugeza, ssente gavumenti zeegabirako kontulakiti ku buli mutendera, ebitundu 40 ku buli kikumi zirina okuba nga ziweebwa bakyala. Puloogulaamu zino zirina okusaasaanyizibwa buli wamu awasobola okufunibwa obubaka abakyala basobole okubufuna n'okubuganyulwamu.



Abakyala eby'obufuzi n'okusalawo byongereza ku kigendererwa ky'enkulaakulana ey'omuggundu nnamba 5. “okufuna obwenkaya abutunuulidde ekikula ky'abantu nokutumbula abakyala n'abaana abawala”.

Ebigendererwa byennyini ebitunuulidde abakyala eby'obufuzi n'okusalawo bye bino:

- *Okumalawao engeri zonna ezityoboola abakyala n'abaana abawala buli wamu*
- *Okulaba nti abakyala beenyigira mu bukulembeze obwannamaddala mu bujuvu ku buli mutendera gwokukola*

okusalawo mu byobufuzi, mu byenfuna ne mu bulamu obwensi obulabibwa era nti balina emikisa gya kyenkanyi okubyenyigiramu.

- *Okukkiriza n'okuggumiza amateeka agalimu ensa nago agateekaka mu nkola okusobola okutumbula omwenkanonkano mu kikula n'okusitula abakyala n'abawala ku buli mutendera*

Ssemateeka 1995 akkaatiriza omwenkanonkano gwabakazi n'abasajja. Ate etteeka lya gavumenti z'ebitundu 1997 ligamba ebitundu kimu kya kusatu ekyabakiise ku nkiiko za gavumenti ezebitundu balina kuba nga bakyala⁴⁰. Etteeka lino era linokolayo nti, waakiri omu ku bakiikirira abantu abalina obuzibu obwenjawulo alina kuba mukyala. Amateeka amalala mulimu etteeka ly'akakiiko k'abakyala mu ggwanga 2015,(National Women's Council Act, 2015) ko etteeka ly'akakiiko k'abakyala mu ggwanga elitunuulidde ebyokulonda 2011.(National Women's Council (Councils and Committees) Elections, Regulations, 2011 Act). Okusenziira ku kitongole ekyebibalo n'eiwendo (UBOS) amazima n'emiwendo, olukiiko l'weggwanga olukulu olw'ekkumi 2016-2021 lulimu abakiise abakyala⁴¹ abakyala ebitundu 35 ku buli kikumi okuva ku bitundu 14 ku buli kikumi ebyolukiiko lw'egganga olukulu olwomulundi ogwokutaano, nga kino kyava ku muwendo gwa disitulikiti okweyongera ate nga buli disitulikiti erina okuleeta amukiise omukyala mu kwagala okutumbula ekikula ekyo. Okwongereza kwekyo olukiiko l'weggwanga olukulu olwomulundi ogw'ekkumi lulina sipiika nga mukyala, abakulira oludda oluvuganya gavumenti asooka n'owookubiri bakyaala, abakyaala bongedde okukulira obukiiko bwa Paaliyamenti. Ku bukiiko 28 obwa Paaliyamenti, obukiiko 11 bulina ba ssenebe abakyala⁴². Wetwaatuukira mu mwaka gwa 2016, ba minisita ba Kabineti abakyala baali ebitundu 36 ku buli kikumi ate ba minisita b'eggwanga baali ebitundu 30 ku buli kikumi. Ate bo ba minisita ba Kabineti abasajja baali ebitundu 64 ku buli kikumi nga ab'eggwanga bali ebitundu 30 ku buli kikumi⁴³. Wetwogerera mu mwaka 2019/2020 ba minisita ba kabineti abakyala bali 10 ku ba minisita 31- ekitegeeza

40 UNDP, 2017:10; OAG, 2013:16

41 UBOS, 2017c: x

42 GoU-SDGEA, 2017:19

43 Ibid 26

nti bali ebitundu 32 ku buli kikumi ate bo abasajja bali ebitundu 68 ku buli kikumi. Ba minisita b'eggwanga abakyala bali 17 ku ba minisita 49. Ekitegeeza nti bali ebitundu 35 ku buli kikumi ate abasajja bali ebitundu 65 ku buli kikumi⁴⁴.

Omuwendo gw'abakyala abakiise mu likiiko lw'eggwanga olukulu tegweeyongedde era guli ku bitundu 35 ku buli kikumi mu lukiiko lw'eggwanga olukulu olwomwenda n'olwekkumi⁴⁵. Okusenziira lu alipoota ku kwenyigira mu byobufuzi nga batunuulidde ekikula ky'abantu, mu disitulikiti za Uganda 146 abakyaala ba ssentebe ba disitulikiti bali 3 bokka. Abakyala okuba abakiise mu lukiiko lw'eggwanga olukulu ne munkiiko eza wansi kiva ku ekyo ekyasalibwawo okulaba nga abakyala beenyigiramu.

Ekirabibwako, gavumenti ya Uganda batambudde n'amateeka aakyaliiwo agatumbula okwenyigiramu mu bujjuvu ate mu bwenkaya okwa bakyala ate ne mu kukola okusalawo mu buli nsonda yeebyobufuzi nembeera yeekikugu, omwenkanonkano mu kikula gukyali muzibu gwakutuukibwako. Ku mutendera gwa gavumenti ezeebitundu, embeera si ya njawulo; ku bakiise 3,280 mu nkiiko za disitulikiti, abakyala bali 1,364 ekiraga nti bali ebitundu 41.6 ku buli kikumi. Mu ngeri yeemu, ekitundutundu k'yabakiise abakyala ne ba ssentebe mu zi munisipaali, namagombolola baali ebitundu 41.9 ku buli kikumi mu 2016.

Mu mirimo gya Gavumenti, abakyala okwenyigira mu bukulembeze obwa waggulu bukugirwa nga obwenkanya mu kikula tebunnafunika. Mu mirimo gya gavumenti gyonna omuli abakozi abasoba mu 250,000, abakyala bali ebitundu 33 ku buli kikumi byokka. Wadde nga wabaddewo okutereezaamu, okugaba emirimo mu Gavumenti ku maddaala aga waggulu basing kukutunuuliza basajja. Ekifo kyokka ekigyeyo obwenkanya mu kikula kye kya abamyuka ba ba ssenkulu beebitongole bya gavumenti. Abakyala ebitundu 34 ku buli kikumi byokka be ba nnankulu obutafaananako basajja. Kino bwokigatta ku bamyuka ba

44 Parliament of Uganda, 2020. <https://www.parliament.go.ug/page/cabinet-members-and-ministers-state>

45 Ibid 26

ba Komiisona nga abakyala bali 48 ku ba ofiisa 209 ekitegeeza nti bali ebitundu 23 ku buli kikumi. Mu bakulembeze boobubuga ebitundu 7.1 ku buli kikumi ne ddisitulikiti ebitundu 8.6 ku buli kikumi bakyala ekilekawo omuwaatwa omunene mu bukulembeze bwa gavumenti eza ezeebitundu ku mutendera gwa diisitulikiti n'obubuga obutono.

Mu byobufuzi ne mu gavumenti abakyala bangi basanga emiziziko egibaremesa okwenyigira era nookuwangula mu bifo byokulondebwa nebyokuweebwa emirimo nga beesigama ku bukugu. Okusoomozebwa okusingira ddala abakyala abeesimbawo mu byobufuzi kwebasanga kwekuba nga ebyobufuzi byafuuka byabo abalina ssente ate nga bo abakyala babiyigira nga tebazirina. Okugeza ssente ezisasulwa abo abaagala okwesimbawo ku bukiiko bwowansi ku kaadi ya NRM ziri emitwalo abiri (200,000) ate abakiise mu lukiiko olukulu olw'eggwanga ziri silingi za Uganda 2,000,000 ate ku kakiiko k'eb yokulonda akeggwnaga ziri silingi za Uganda 3,000,000 ate nga abakyala absinga tebazisobola. Nga bamaze okukkirizibwa okwesimbawo, abakyala batono nnyo abasobola okutambuza omulimo gwokunoonya akalulu.

Okusenziira ku kitongole kya ACFIM, omuntu okunoonya akalulu k'obikiise mu lukiiko lwe ggwanga olukulu, kisuubirwa okuwemmenta obukadde bwa silingi za Uganda ekitono ennyo nga 500. Abalonzi baagala ssente okulonda omuntu yenna, nga kino kisinze kuleetebwa obwavu obungi ennyo mu Uganda. Omuntu alina obusobozi ne yeesimbawo nga talina ssente ezookugulirira abalonzi aba n'emikisa mitono nnyo okuwangula akalulu. Ebibiina byebyobufuzi tebigoberera mateeka ga mwenkanonkano ku mutendera gwensi ezenjawulo, ebitundu, n'eggwanga. Ekivaamu, omuwendo gwabakyala mu bifo byebyobufuzi mu bibiina byebyobufuzi gukyali wansi bwetugeraageranya n'abasajja. Kino kiremesa abakyala bangi okwenyigira mu byobufuzi okusinga abasajja olwensonga nti embeera yaabwe mu byenfuna mu Uganda eri wansi bwogigeraageranya n'eyabasajja. Kino kyongerera okumalamu abakyala amaanyi okwesimbawo ku bifo ebiriwo obutafaananako basajja.

Engeri embi abantu gye balabamu omukyala eyeenyigidde mu byobufuzi kiremesaabakyala bangi okufuna ebifo by'obukulembeze. Ebisoomooza ebirala ebyamaanyi mulimu, ebyobuwangwa ebirimu kyekubiira, abakyala obutekkiririzaamu, ate nobutaba na byetaagisa mu kwetaba mu kalulu. Abakyala abali mu byobufuzi okutyoboolwa mu kunoonya akalulu n'okutwala emibiri gy'abakyala nga ekyokuzannyisa kibamalamu okwekkiririzaamu era nekibalemesa okwenyigiramu mu bujuvu. Kino bwekigattibwako embeera y'ebyobufuzi enkyankalamu erimu obukuubagano, okutiisatiisa, n'okusiga okutya, obubbi n'obulyi bwenguzi. Ekiddirira, abakyala abomubyalo okwo kwogatta n'abomubibuga abaavu n'abo abataasoma okwesamba okuganyulwa mu mukisa ogubaweebwa nga abakyala okwenyigiramu ekiyongera okubanafuya mu bukulembeze⁴⁶. Ebirungi ebiri mu bakyala okwenyigira mu kukola okusalawo tebituuse ku mutendera ogusookerwako nga bwekyeyolekera mu butabanguko mu maka obweyongedde nga bwesigamiziddwa eri abakyala; abasajja okuba nga be balina omulukisakisa ku byobugagga; obubbi bwettaka obusinze okukosa ba Nnamwand; obwavu bw'abakyala mu byalo; n'obwavu okutwalira awamu. Ekigendererwa kyokuwa abakyala enkizo kikyeebuuzibwa anti abakyala ebifo byobukulembeze, n'ebyobufuzi tebaliimu nnyo ate nga abasajja tebaweebwa mukisa ogwo⁴⁷.

Abakyala ba Uganda beetaaga:

- i. Okuweebwa obwenkanya obwesigamiziddwa ku kikula mu kugaba emirimo gya gavumenti. Kino kiyinza okutuukibwako nga bateekereteekera okukulaakulanya obusobozi bw'abantu nga bwekirambikibwa mu mu nteekateeka y'enkulaakulanya y'eggwanga eyookusatu(NDP III) nga okusomesa abantu nga bali ku mirimo.
 - Enkola ey'okulondoola okulaba nga omwenkanonkano mu kikula mu kugaba emirimo n'okukuza abakazi ku mirimo n'ebifo ebya waggulu.

⁴⁶ Ibid 7

⁴⁷ Ibid 7

- ii. Okukyusa enkola yeebyokulonda okuva ku nkola eyookusalawo omuntu asinzizza obululu okuba omuwanguzi badde ku nkola eyookulaba nga okukiikirirwa kwa kyenkanyi. Kino kija kuyamba okujjawo okusoomoozebwa okunyigiriza ebibiina byobufuzi nga balonda abantu baabwe mu Uganda omuli, ebyobufuzi okubifuula ebya ssente, enguzi, obutabanguko, okutiisibwatisibwa, n'ebirala bingi. Okwongera kwekyo, abebibiina byebyobufuzi baja kukakibwa okulonda omusajja n'omukazi gwebalaba nti yasinga okwesimbawo mu kuvuganya mu kalulu, kyongere okulongoosa ku mutindo gw'obukulembeze.
- iii. Okukolamu entereerereza mu ssemateeka we ggwanga wa 1995 okuwa disitulikiti okulonda abakulembeze baayo ababakiikirirwa mu lukiiko lw'eggwanga olukulu. Buli disitulikiti erina okuba nga ekiikirirwa omusajja omu, n'omukazi omu okulaba nga abakiise mu lukiiko lw'eggwanga olukuulu bakendeera ku bantu 292. Kino kija kukendeeza ku ssente ezisaasaanyizibwa ku ba memba ba paalamenti ate n'okukakasa nti omwenkanonkano gutuukirizibwa 50:50 mu kubaga amateeka kikwatagane ne ndagaano ya Africa Charter on Democracy, Elections and Governance.
- iv. Puloogulaamu y'okusomesa nokukulaakulanya obusobozi bw'abakyala okwamaanyi ate okulina ekigendererwa okusobola okukwatagana n'obuvunaanyizibwa bwabwe mu woofiisi.
- v. Gavumenti okuteeka ssente mu kusomesa abantu nga abeekitongole kya Uganda ekikola ku ddembe ly'obuntu, nokusomesa abalonzi nga kikolebwa ekitongole kyebyokulonda okusobola okukyusa endowooza zabantu nenzikiriza ezitunuulidde obukulembeze bw'abakyala. Ebitongole ebyo ebibiri birina okukwatagana nekitongole ekikola ku ddembe ly'abakyala okusobola okubalaga byebalina okukozesa nga basomesa n'obubaka obukwata ku ddembe lyabakyala n'omwenkanonkano.

- vi.** Ebibiina byebyobufuzi birina okukkiriza nokugoberera amateeka agakwatagana n'eddembe ly'abakyala n'omwenkanonkano agensi ezenjawulo, ebitundu wamu n'eggwanga. Okusemba kuno kukoledwa nga tukimanyi nti ebibiina by'ebyobufuzi ye ngeri erina okuyitibwamu abakyala n'abaami okufuna obukulembeze mu by'obufuzi mu Uganda.
- vii.** Okubaga etteeka nenkola ezigobererwa okukuuma abakyala abeesimbyewo abatyobwoolwa mu bikolwa ebyekikaba mu kunoonya akalulu, engeri emisango gye girina okuwaabibwa, nengeri ebikolwa ebyo gye birina okwewalibwa. Akakiiko keby'okulonda nako kalina okutereeza mu bigobererwa okwewala okutyoboola abakyala abakulembeze mu bikolwa ebyekikaba n'okubayisa nga ebintuntu.

EDDEMBE LY'ABAKYALA KU TTAKA N'EBYOBUGAGGA



Eddembe ly'abakyala ku ttaka n'ebyobugagga lyongera ku kigendererwa nnamba 1 ekyeyonkulaakulana ey'omuggundu nti okumalawo obwavu obwa buli kika buli wamu ne nnamba 5 : okufuna omwenkanonkano mu kikula n'okutumbula abakyala n'abaana abawala

Ebiruubirirwa byennyini ebitunuulidde Eddembe ly'abakyala ku ttaka n'ebyobugagga mulimu:

- *Okuteekawo enkyukakyuka okuwa abakyala eddembe ku bintu ebiteereza ebyenfuna era nobwannanyini n'obuyinza ku ttaka n'ebyobugagga ebirala, obuweereza mu by'ensimbi, ebyobusika, nebyobugagga eby'obutonde okusenziira ku mateeka g'eggwnga.*

- *Omwaka gwa 2030 wegunaatuukira okukakasa nti abasajja bonna n'abakazi naddala abaavu n'abo abatalina mwasirizi balina eddembe lya kyenkanyi ku by'obugagga mu byenfuna era n'obuweereza obukulu ennyo, obwannanyini n'obuyinza ku ttaka nebika ebirala ebyokusikiramu obugagga, ebyobugagga ebyobutonde, tekinologiya eyeetaagisa n'obuweereza mu byensimbi nga mwotwalidde ne bu bbanka obutonoto.*

Obwannanyini ku ttaka nokulifuna kireetawo enjawulo ya maanyi okutumbula ebyenfuna y'abakyala n'amaanyi mu byenkolagana. Etteeka ly'ettaka (2010) liteekawo entandikwa ku bwannanyini ku ttaka, engabanya n'enkozesa ko n'obuyinza. Akatundu 28 mu tteeka ly'ettaka kajjawo obusosoze mu bakyala⁴⁸ Akatundu 27 kawa abakyala abaana, n'abantu abalina obulemu ku mibiri gyabwe eddembe ly'obwebange ate akatundu 39 kakugira okukyusa ettaka okulizza mu mikono emirala nga omubeezi takkirizza⁴⁹.

Okwekennenyaa okwava mu kunoonyereza ku kikula 2018 (Gender assessment survey 2018) okwakolebwa ekitongole kya UWONET kwakizuula nga abakyala ebitundu 39 ku buli kikumi okuva mu disitulikiti 20 balina obwannanyini ku ttaka nga ogeraageranya n'abaami abali ebitundu 73 ku buli kikumi. Ebyazuulibwa bikwatagana n'ebyava mu kunoonyereza mu maka (Uganda National Household Survey -UNHS) okwakolebwa mu mwaka gw'ebyensimbi 2016/2017 okwalaga nti abakazi ebitundu 31 ku buli kikumi bokka abali wakati we myaka 15 – 49 beebaalina ettaka elyaabwe obutafaanana basajja abaali ebitundu 48 ku buli kikumi nga bali mu myaka egyo gyegimu. Era alipoota y'omwaka ku ngeri y'okuteekesa mu nkola ekirangiriro ekitongole ku mwenkanonkano mu kikula mu Africa kikakasa nti ettaka eririna ebyapa mu Uganda liri ebitundu 23 ku buli kikumi, ate ebitundu ebiwera nga 5-26 ku buli kikumi eby'ettaka elyawandiisibwa, abakyala be balirinako obwa nannyini ate nga ebikwata ku bwannanyini ku ttaka erifunibwa abakyala mu buwangwa tebiriwo⁵⁰. Okwongereza kwebyo, tewali

48 GoU-SDGEA, 2018:20

49 (OAG, 2013:16).

50 Ibid 33

miwendo giriwo gitegeerekeka ku bwannanyini oba obuvunaanyizibwa ku ttaka nti bwawuddwaamu okusenziira ku kikula okusobola okulambika embaga y'amateeka ate are n'okulondoola obutali bwenkaya abakyala bwebasanga. Ku bikwatagana ku bwenkanya ku bwannanyini ku ttaka wakati w'abasajja n'abakazi, tewali bubaka bumala ku ani asalawo ku nfuna ate n'enkozesa y'ettaka.⁵¹

Ekitongole ky'ebyobulimi kikoze abantu ebitundu 72 ku buli kikumi ku bantu abakola mu ggwanga nga abakyala babalirwa okuba ku bitundu nga 80 ky buli kikumi ate nga abakyala ebitundu 25.5 ku buli kikumi bokka be balina obuvunaanyizibwa ku ttaka lye balimako⁵². Nga tukakasa ebyazuulibwa, okunoonyereza⁵³ okulala kulaga nti ne mu bakyala abo abalina obwannanyini ku ttaka, bangi tebalina maanyi kuddukanya ttaka lyabwe kubanga amaanyi g'okusalawo basajja be bagalina. Okulumba kwekirwadde kya Ssenyiga omukambwe kwongedde okwonoona embeera y'obuteeyinza mu bakyala olwensonga z'okugobwa awamu n'entalo ze ttaka okweyongera.⁵⁴

Abakyala era tebalina lukisa ku nsonga z'ettaka kubanga ssente ezisasulwa mu kkooti ate n'obudde bibafuukira eby'ebbeeyi. Obudde obumalibwa ku nsonga za kkooti ate ne mu kkooti mwennyini kirinnyirira nnyo obusobozi bw'abakyala okukola obuvunaanyizibwa bwabwe mu mirimo ate ne mu b'yokuzaala. Ate oluusi abakyala baweebwa enguzi sinakindi okutiisibwatisibwa okujjamu enta ku nsonga z'ettaka. Ekiddirira bangi bafiirwa obumalirivu bwe baba balina nebava ku kunoonya obwenkanya.

Ebidirira ate era nebivaamu byennyini mu butaba na ddembe ku bwannanyini ku ttaka naddala abakyala abomubyallo mu byobulimi ate n'abomubibuga mu mirimo gy'obusuubbuzi, kiva ne ku by'ettaka nekigenda ne ku ani asalawo ku magoba oba enkozesa ya ssente eziba zifuniddwa nga bamaze okutunda. Kino kikolebwa abaami okulaba nti waliwo emmere emala n'endya ennungi mu maka. Ekivaamu ekyamangu

51 Ibid 33

52 Ibid 21

53 UWONET, 2015:16)

54 Position Paper on Gender and Equity Issues and Interventions for FY 2021/22

abakyala obutaba na ddembe limala kibaleetera obutaba na misingo gyebawaayo mu bbanka oba ebitongole ebiwozi byensimbi singa baba baagadde okwewola.

Obutabanguko nga buva ku ttaka n'abakyala okufuna obwenkanya; amateeka agasinga ku bya mafuta n'omukka, tegavaayo mu bulambulukufu kunnyonnyola ku ngeri y'okumalawo obutabanguko ku byalo nga buvudde ku kusima amafuta okugeza nga engeri y'okuliyiramu amaka olwokokozesa ettaka lyabwe. Singa ensonga eyingiramu amaka gonna n'abenganda, abakyala bafiirwa kubanga okusalawo n'obuvunaanyizibwa ku byobugagga naddala mu byalo buba buvunaanyizibwa bwa basajja mu maka.

Abakyala ba Uganda beetaaga:

- Abakyala abali mu bulimi n'abo abakola emirimo egyekutte ku bulimi okendeezewako oba okusonyiyibwa okuwa emisolo.
- Okuteekesa mu nkola ebigobererwa ku ttaka 2013 (land policy 2013) ate n'okutereeza ennyingo 40 ey'etteeka ly'ettaka.
- Okukakasa nga amateeka ku byettaka gateekebwa mu nkola okumalawo okugobebwa ku ttaka, obubbi bwettaka nobutaliyiribwa kimala mu by'ettaka.
- Okuteekawo ensawo y'abakyala okusobola okufuna ssente okugula ettaka oba ebyobugagga ebirala.
- Okukendeeza ku misango egyeeyongedde mu bitongole ebiramuzi okuva ku bitundu 18 okutuuka ku bitundu 10 ku buli kikumi wetunaatuukira mu 2026.
- Okuyisa etteeka ly'amaka (2019) eritunuulira eddembe ly'abakyala n'abaami ku byobugagga nga bafumbo era nebwebuba buweddewo, n'ensonga endala.
- Okufuna ssente okuva mu Uganda Development bank, ekikula ky'abantu kirina okutunuulirwa okulaba nga abakyala abalimi nabo basobola okwewola essence nga bazzaamu amagoba matono.

Okuteeka mu nkola, okulondoola ate n'okukuuma ezimu ku nsonga ettaanu ezaasosowazibwa omuli ebintu ebyetaaga okutunuulirwa okuva mu buli nsonda ebinyigiriza abakazi n'abaana abawala ate nokulaba nga omwenkanonkano mu kikula gukolebwako. Naddala

- **Abakyalala okuba n'obusobozi okufuna amawulire, ebyempuliziganya wamu n'bya tekinologiya:** Nga ensi egenda ekula mu bya tekinologiya, abakyalala bongedde okulekebwa emabega abasajja mu nkozesa ya tekinologiya naddala eby'amasimu. Ekivaamu abakyalala kyangu nnyo okulemererwa okufuna obuweereza obukulu okusinga abasajja okugeza okuweereza ssente, okumanya ku bikwatagana n'obujanjabi, ebyenjigiriza oba emikisa gy'emirimo.⁵⁵ Mu miziziko abakyalala ba Uganda gye basanga mu nkozesa ta tekinologiya n'empuliziganya mwemuli; enfuna yaabyo, obusobozi mu by'ensimbi, amagezi n'obukugu nga mwotwalidde obutebenkevu n'eb yokwerinda.
- **Obulombolombo n'ennono mu bulamu bwa bulijjo ezimalamu amaanyi:** Bulabikira mu empisa etali ya bwenkanya, obusosoze, ebikolwa ebyobukambwe eri abakyalala n'abaana aboobuwala mu buli mbeera ya bulamu ekireetera embeera embi mu byenfuna, mu bulamu obwa bulijjo wamu ne mu byobufuzi bwabakyalala.
- **Enkyukakyuka y'obudde:** Enkyukakyuka y'obudde eyongera obutali bwenkanya obwesigamye ku kikula nga tutunuulira obusosoze, embeera y'obulamu okuba mu katyabaga, okufiirwa mu byenfuna, okusengulwa, okusenguka, obwavu, okutwalibwa mu buwambe, ebikolwa ebyettemu, okukabasanyizibwa mu bikolwa byomukwano, obutaba na mmere emala, ate n'obutafuna buweereza bwetaagisa⁵⁶.
- **Obuli bwenguzi:** Okubuzaabuza n'okubulankanya ssente, nengeri endala ezooleka obuli bwenguzi muziziko eri abakyalala okutuukiliriza eddembe lyabwe mu buli kitongole ate ne mu kutuukiriza omwenkanonkano mu kikula.

⁵⁵ World Bank 2020.

⁵⁶ Ibid:8

- **Eddembe n'obutebenkevu:** Obutabanguko nebigolwa ebyetemu bisinga kukosa bakyala na baana bawala era byongerera okuggumiza obutali bwenkanya n'okusosola. Abakyala bakulu nnyo okutereeza eddembe mu busambattuko obulimu okukozesa ebissi wadde nga obuvunaanyizibwa bwabwe nga baleetawo enkyukakyuka n'obutebenkevu tebilabibwa⁵⁷.

Key Demands:

- Okutereeza mu mateeka nga okukendeeza emisolo mu bitongole ebimu, nemisolo egijjibwa ku biyingizibwa n'ebitundibwa ebweru we ggwanga okugeza nga ku masimu n'emitimbagano, abakyala basobole okubyetuusaako kuba be bakiikirira abantu abangi abatali ku mitimbagano egyo.
- Okugatta ensonga ezigwa mu buli nsonda (crosscutting issues) mu buli kitongole okusobola okukola ku byetaago by'abakyala mu miramwa taano egyasoosowazibwa.
- Okuteekawo enkola ezuula nokumalawo endwadde nebibamba naddala okugumya engeri abakyala gye bakoseddwamu nokuzzaawo ebyo ebyali bituukiddwaako nga biri ku mwenkanonkano gwekikula mu buli kitongole. Okugeza, okulaba nga embalirira y'eggwanga ekwatagana neengeri endwadde n'ebibamba gye biyinza okumalibwawo.

⁵⁷ <https://peacekeeping.un.org/en/promoting-women-peace-and-security>

1. Position paper on gender and equity issues and interventions for FY 2021/22 by The civil Society Budget Advocacy Group (CSBAG)
2. <https://www.newvision.co.ug/news/1526966/police-records-6000-defilement-cases-months>
3. Report on women, gender equality and climate justice (2017/2086(INI)) –The European Union
4. <https://www.mckinsey.com/featured-insights/diversity-and-inclusion/ten-things-to-know-about-gender-equality>
5. UWONET, final gender assessment report ,2018
6. Uganda Bureau of Statistics (2017). Uganda National Household Survey 2016/17
7. NPA (2015c) *“The Second National Development Plan (NDPII) 2015/16 – 2019/20”*. National Planning Authority (NPA), Kampala.
8. UBOS (2017d): *“Uganda Demographic and Health Survey”*. UDHS 2016 survey report. Uganda Bureau of Statistics (UBOS), Kampala.
9. UWONET (2015): *“A Civil Society Gender Issues’ Paper Towards the Second National Development Plan (II) 2015/16–2019/20: Proposed Priorities and Interventions”*. A policy advocacy paper under the NPA - UN Joint Programme on Gender Equality. Uganda Women’s Network (UWONET); Kampala
10. UBOS (2014): *“Uganda National Household Survey 2012/13”*. UNHS 2012/13 survey report. Uganda Bureau of Statistics (UBOS), Kampala.
11. NPA (2014): *“Harnessing the Demographic Dividend: Accelerating Socioeconomic Transformation in Uganda”*. National Planning Authority (NPA), Kampala.

12. WOUGNET (2015): *“Final Report for the GEKS Uganda National Assessment”*. Gender Equality in Knowledge Society Research 2015. Women of Uganda Network (WOUGNET); Kampala.
13. UWONET, CEWIGO, FOWODE, ACFODE & WDN – UG (2016): *“National Women’s Manifesto 2016 to 2021”*. Kampala.
14. MoGLSD (2016a): *“National Action Plan on Elimination of Gender Based Violence Uganda (2016-2011)”*. Ministry of Gender, Labour & Social Development; Kampala.
15. GoU-SDGEA (2018): *“Annual Report of the Republic of Uganda on the Implementation of the Solemn Declaration on Gender Equality in Africa in 2017”*. A Republic of Uganda (RoU) progress tracking annual report on the Solemn Declaration on Gender Equality in Africa (SDGEA); Kampala.
16. UNDP (2017): *“Promoting Gender Equality and Women Empowerment: Our Journey 1988– 2017”*. United Nations Development Programme (UNDP); Kampala.
17. OAG (2013): *“Report on Government’s Efforts to Achieve Gender Equality.”* Office of Auditor General (OAG), Kampala
18. UBOS (2017c): *“Women and Men in Uganda Facts and Figures 2016”*. Uganda Bureau of Statistics (UBOS), Kampala
19. GoU-SDGEA (2017): *“Annual Report of the Republic of Uganda on the Implementation of the Solemn Declaration on Gender Equality in Africa in 2016”*. A Republic of Uganda (RoU) progress tracking annual report on the Solemn Declaration on Gender Equality in Africa (SDGEA); Kampala.
20. Atumanya, P., Sendagire, C., Wabule, A., Mukisa, J., Ssemogerere, L., Kwizera, A., and Agaba, P. K. (2020). Assessment of the current capacity of intensive care units in Uganda: A descriptive study. *Journal of Critical Care*, 55, 95-99
21. UNCEF, 2020; Going beyond monetary poverty. Uganda’s multidimensional poverty profile.

22. Government of Uganda-2011 Guidelines for designation, establishment and upgrading of health units; Ministry of Health UBOS 2017 ; National Governance, peace and security survey report).
23. UNDP 2020; Socio economic Impact of Covid 19;Uganda Brief
24. The Lancet. Championing good health for people with disabilities. Lancet. 2011.
25. Devkota HR, Murray E, Kett M, Groce N. Healthcare provider's attitude towards disability and experience of women with disabilities in the use of maternal healthcare service in rural Nepal. Reprod Health. 2017;
26. Arya Shah, Lydia Wheeler, Kristen Sessions, Yusufu Kuule, Edwin Agaba, Stephen P. Merry , 2017; Community perceptions of mental illness in rural Uganda: An analysis of existing challenges facing the Bwindi Mental Health Programme.

With support from:



Uganda Women's Network

Plot 710, Block 216, Mirembe Close

Bbuye-Kigowa, Ntinda, Kampala

P. O. Box 27991-Kampala, Uganda

Phone: +256 414 286 539,

Email: info@uwonet.or.ug

Website: www.uwonet.or.ug

Facebook: <http://www.facebook.com/uwonet>

Twitter: @uwonet

ISBN 978-9970-9940-5-2



9 789970 994052